

NNAAKOLA NTYA YESU AYITIBWA KRISTO?

 Mukama akuwe omukisa, Ow'oluganda Vayle. Mwasuze mutyanno, ab'emikwano. Bulijjo nkeerewa. Billy yanjambye, enkya ya leero, nti nnina abantu nga amakumi asatu be nnina okusisinkana, naye nsisinkanyeko babiri bokka, kale, ndowooza babadde babiri oba basatu. Kale ssisobola kususinkana buli omu, nga bwe mumanyi, naye abantu balindirira, era bamaze emyezi n'emyezi nga bali ku lukalala balinze. Era Mukama alina ebintu eby'amaanyi by'azze akola mu nsisinkano ezo. O, Ye—Ye Katonda waffe. Si ky'Ali?

² Kati nkakasa, enkya ya leero, ffenna tumanyi enjega eyakuba eggwanga lino, ey'okufiirwa Pulezidenti waffe, Mw. Kennedy. Wadde omusajja oyo mbadde ssikkiriziganya naye mu by'obufuzi bye ne mu ddiini ye, naye era tasaana kufa bw'atyo. Nedda. N'alekawo abaana abo abato, nga tebalina taata. Ne maama a... Muky. Kennedy, wadde nga weewaawo siyinja kukkiriziganya naye, wamu n'enkola ze n'ebintu ebirala, ob'olyawo, naye, mujjukire nti, maama. Yaakafiirwa abaana be, kaakati wuuno afiiriddwa bba. Era bba yagwa ku mubiri gwe, omusaayi gwa bba yennyini ne gukulukutira ku bisambi bye. Ekyo kibi nnyo.

³ Mwali mukirowoozezzaako... Oluusi tulowooza nti omukyala oyo y'ateerawo eggwanga eky'okulabirako, mu misono n'ebirala. Ekyo nakyo, kyandiba nga ddala bwe kiri. Naye mabadde mukimanyi, nti Muky. Kennedy tawuliranga ku Bubaka buno bwe mbuulira ku bintu ebyo? Singa abaako obumu ku Bubaka obwo bw'awulira, weesanga ayinza okukyusa. Naye ate waliwo abamu ku bannyinaffe ababiwulira, naye era ne batabigondera. Mukiraba? Mukiraba? Mukiraba? Yakuzibwa Mukatuliki; ekyo kye kyokka ky'amanyi. Ekyo sikirinaako nsonga yonna, mukiraba. Ya... Eyo nkola ya buntu. Sirina nsonga yonna ku bantu, Abakatuliki. Wabula eyo nkola, nkola ya Kikatuliki, era nga bw'olaba Obupulesibeteriyani, Obumesodisiti, oba enkola endala yonna, mukiraba, oba Obupentekoote, buli emu ko nkola ezo. Enkola gye nninako ensonga, si bantu.

⁴ Mw. Kennedy, ndowooza, akoze o—omulimu omulungi ogw'okubeera Pulezidenti. Nsaasira nnyo mukyala we. Era mpulira ennaku ey'amaanyi olw'ekikolwa ekyo, okuba nti n'eggwanga lyaffe lyennyini, abatamanyanjamamba n'abalala mu ggwanga lyaffe, okukola ekintu nga ekyo.

⁵ Bw'oba tosobola butakkiriziganya na muntu, mu ngeri ntuufu, n'ogenda n'ekyo ggwe ky'okkiriza nti ky'ekituufu; naye tewali nsonga ettisa muntu mulala, olw'ebintu nga ebyo ebitaliimu. Era abaana abo bakimanyi, nti, omu ku bo yagamba nti, "Kati sikyalina muntu yenna wa kuzannya naye. Taata agenze." Mukiraba?

Kale bulijjo mbaddenga ndowooza nti ekyo, nange lumu kye kirintuukako. Kaabula kata kibeewo emirundi egiwerako, nga bwe mumanyi, bwe banneegezaamu okunkuba amasasi mu mawanga ag'ebweru; abakuumi ne batuuka n'okumbuutikira n'emibiri gyabwe nga engabo, nneme okukubwa amasasi, bwe baali baagala okunkuba amasasi nga bayima wala.

⁶ Kale omuntu bw'afa bw'atyo...Naye, ogwo gwe—gwe muwendo ogusaulwa, olw'ebitiibwa by'ebintu eby'enjawulo. Mukiraba? Ndownooza kyenkana buli Pulezidenti waffe abeera ow'okuna, omu ku bana, atemulwa butemulwa, era ekyo kimpisa bubi nnyo. Kya nsonyi okuba nti tulina omuntu bw'atyo mu Amerika, asobola okukola ekintu bwe kityo.

⁷ Naye kati, weewaawo, nga bwe nhambye, ssi—ssikkiriziganya na byabufuzi bye. Nze...Sikkiriziganya, ssakkiriziganya na ndowooza ze ez'ekyo kye yali agezaako okukola. Naye, olaba, naye muntu nga omulala yenna. Era mbadde ssikkiriziganya na nkola ye ey'eddiini. Eyo awatali kubuusabuusa kwonna mbadde si—sikkiriziganya nayo. Naye, nga, bw'atyo bwe ya—yakuzibwa akkiriza. Eyo—eyo y'ebadde eddiini ye. Nga bwe nhambye, ob'olyawo singa yawulirayo ekintu ekyawukana ku ekyo, kyandibadde kya njawulo.

⁸ Tulina e—ekintu kye tukola wano, bwe wabaawo omu ku bantu baffe afa, oba omuntu omulala yenna, wadde nga... Ndownooza nti nga—nga ekanisa y'Abamerika, nga omubiri gw'Abamerika...

Abamerika be baalonda Mw. Kennedy okubeera Pulezidenti. Era ekyo kyali...Eyo y'ensonga lwaki tutambulira ku nkola ya demokulasiya. Nze ssaalonda Mw. Kennedy. Nnalonda Mw. Nixon, kubanga Mw. Nixon nnali mmumanyi, nga omuntu. Era nna—nnamwagala, era nze—nze gwe nnalonda, nga nze, kubanga nnali mmwagala. Naye abantu b'eggwanga lino, Abamerika, bannansi bannange ab'eggwanga lino, baalonda Mw. Kennedy. Ku ky'engeri gye baakikolamu, kati, ekyo kiri wakati waabwe ne Katonda, naye ekyo bwe kityo bwe kyali.

⁹ Naye ndowooza nti, ku lwa maama ono, omuntu, maama w'abaana, Muky. Kennedy, tusobola okuyimirira ne tumusabira?

¹⁰ Ayi Mukama Yesu, ffe nga abantu, buli omu alumirirwa munne. Era tusonyiwe, ayi Mukama, okuba nti Pulezidenti waffe yakubiddwa amasasi mu ngeri eyo, n'attibwa mu butemu obw'ettima. Era tusonyiwe okuba nti eggwanga lyaffe lituuse mu mbeera bw'etyo, nga abantu bwe batyo ba—bali mu ggwanga

lyaffe, abasobola okutta omuntu mu butemu obw'ettima; nga ow'oluganda oli omuddugavu gwe baakuba amasasi ebbanga si ddene eriyise, ne bamutirimbula mu ttima, olw'okusosolagana mu langi. Naye tusaba otusonyiyire ddala okuba nti abantu bwe batyo bali mu makkati gaffe, ayi Mukama. Ffe, obunafu bwaffe, bwe buviiriddeko kino okubaawo.

11 Era tusabira Muky. Kennedy, mukyala wa, Pulezidenti ono. Era tumanyi nga abaana abo abato baatunuulira ki—kitaabwe, eyasimbula okuva awaka ennaku ntono nga ekyo tekinnabaawo, nga musajja musanyufu, eyazannyanga nabo eby'okulwanagana mu nnyumba. Naye nga kati tebalina taata. N'olw'omukazi oyo eya. . . mukyala we, bba gwe yagwa ku mubiri gwe, omusaayi gwe ne guyiika ku lugoye lwe; nga yaakava okuziika omwana we.

12 Weewaawo, ayi Mukama, wadde tuyinza okukkiriza nti omukazi oyo mukyamu, olw'e—e—engeri gy'ataddewo eky'okulabirako mu ggwanga, olw'ennyambala ye n'ebirala; naye ekyo—ekyo kisobola okuba eri Abamerika, bonna awamu, ba, ekyo kye baagala. N'olwekyo tu—tumusabira, enkya ya leero, nga tukusaba Omuyambe. Era leka wabeewo ekiseera mu kaseera kano ak'okunyolwa w'anaazuulira Amazima kye gali, Yesu Kristo! Kituwe, ayi Mukama, ye Ggwe wekka Asobola okuwa emirembe n'okubudaabudibwa mu kaseera ak'emitawaana.

13 Era tuyambe, ayi Mukama, okweyongera okubeera, omusana ogwaka, n'emitima gyaffe gyonna, kubanga tetumanyi kaseera ki oba kyakulabirako ki kye tuyinza kubeera eri omuntu omulala. Leka twake Omusana gwa Kristo okutuusa lw'Alijja. Olwo Omusumba Omukulu ow'ekisibo, Oyo amanyi obwenkanya bwonna, lw'aliwa empeera eri buli kibi kyonna, ye y'Alimanya engeri yennyini ey'okukikolamu. Era okutuusa mu kaseera ako, twewaayo mu mikono Gyo, olw'okwagala Kwo n'okusaasira okutubeerako. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

14 Weewaawo, ssirowooza nga waliwo omuntu yenna agwanidde okufa mu ngeri eyo. Kati, Mw. Lincoln yali tagwanira kufa mu ngeri eyo. Mw. McKinley yali tagwanira kufa mu ngeri eyo. Huey Long yali tagwanira kufa mu ngeri eyo; tewali n'omu ku basajja abo yali agwanira kufa mu ngeri eyo. Ekyo ssikikiririzaamu. Obutemu, ekyo kibi. Abavubuka baffe bwe baali balwana emitala w'amayanja baali tebalwanira kintu kifaanana bwe kityo. Bendera yaffe teyawanikibwa lwa kintu bwe kityo. Tetuli bannansi ba Amerika lwa kintu bwe kityo. Nedda. Wadde nga, eggwanga lyaffe lyoonese era lifumbekeddemu ekibi, ekyo kye—ekyo ky'ekivirako ebintu bino. Ekyo kibi.

15 Kati, olwa leero tulina. . . Njenda kuyigiriza essomo ekkulu erya Ssande, era nnina n'ebintu ebitonotono bye nnandyagadde

okutegeeza ekkansa. Era nga mu ebyo, ekisooka, njagala munsonyiwe okubalwisangawo ennyo ku Ssande ku makya nga mbuulira Obubaka buno. Era kati Mukama bw'anaaba ayagadde. . . Ensonga lwaki kino nkikola, eri nti ndi—ndi wano mu bantu bange era nji—njigiriza enjigiriza nga nzisimbira ddala nga bwe mmanyi. Enjigiriza zino siziigiriza wabweru mu bifo birala. Essira nditeeka ku—ku nnono enkulu ez'Enjiri. Naye enjigiriza zino enkulubo, ssi—ssiziigiriza wabweru eyo mu—mu bifo ebirala. Ate kati, wano, oluusi, kintwalira essaawa nga emu, oba bbiri oba ssatu, okumalayo Obubaka bwange. Era mbalwisa wano oluusi, okutuuka ku ssaawa nga mukaaga n'ekitundu, oba musanvu. Ate ekyo kitono nnyo bw'okigeraageranya ku kye nnakolanga. Oluusi nnabeerangawo, kyenkana okuyita mu kiro kyonna. Nnali mbuuliddeko, emirundi mingi, twatandikanga, ku ssaawa bbiri ez'ekiro ne tuddayo eka ku ssaawa nga munaana oba mwenda nga bukya, bwe kiri, nga tuva mu nkunjaana.

¹⁶ Naye njenda—njenda—njenda kugezaako oku, bwe nnaaba nkomyewo okuba nammwe, nja—nja kubeera na. . . nja kubuulira bubuulizi mu kifo ky'okuyigiriza ku kino, okuggyako nga nsoose kubategeeza nga wakyabulayo ekiseera nti waliwo kye njenda okuyigirizaako, kubanga, nzikiriza, nnina Amakondeere Omusanvu, ge nnina okuyigirizaako, agajjira mu kiseera kyennyini eky'Akabonero ak'Omukaaga. Akabonero ak'Omukaaga bwe kaavuga, Amakondeere Omusanvu gonna gaavuga omulundi gumu, mukiraba. Kale tu. . . Ekyo njagala nkinnyonnyole eri Ekkansa nga Okujja Kwe tekunnabaawo, singa. . . oba nga sinnagenda, oba kyonna kye kiri, bwe mba nsobola.

¹⁷ Kaakati, ekyo bwe tukikola, awo tujja kubategeeza nga ekiseera tekinnatuuka. Era kati ob'olyawo, nga bwe tulaba enkya ya leero, nga ebizimbe bijjudde abantu, n'ebisenge, n'okwetooloola wonna, tujja kugezaako. . . Kati tulina ekifo mwe tusobola okugenda engulu wano. Kituuzabantu nga enkumi ssatu, era kizimbe ekirungi ennyo eky'essomero eriri wano eky'engulu waffe. Kale Amakondeere Omusanvu, tujja kugezaako okugabuulirako engulu eyo mu ssomero eryo. Era ekyo kijja kutuwa ekifo ekiwerera ddala aw'okutuuzabantu, mukiraba, tusobole okutuuzamu abantu.

¹⁸ Twagala okubawa alipoota, y'ebyali mu New York, twalina ekiseera ekirungi ddala. Mu kizimbe ekyo ekikunjaanirwamu ekiyitibwa Morris Auditorium, abantu twalina kubagoba bugobi baddeyo, buli kawungeezi. Baali bayitirivu obungi. Avunaanyizibwa. . . Omusajja eyali nnannyini kifo. . . Avunaanyizibwa ku kulaba nti ebizimbe bigoberera amateeka n'enkola z'okwerinda omuliro asobola okuggala ekifo singa abantu abo babeera bayimiridde, era nga bayitirivu bwe batyo. Kale twalina okubagoba. Era abantu baali ku luguudo, nga batambula bwe badda eno n'eri mu kkubo, nga basaba

wabeewo akoowa asituke afulume, basobole okuyingira bafune we batuula. Mukiraba? Omuntu omu bw'ati, nga bali wabweru balinze wabeewo omuntu omu bw'ati aseguka, bayingire. Nga bwe wabaawo ali okumpi n'oluggi, nga wabaawo omulala gwe bayingizaayo bwe batyo. Nga bwe wabaawo asituka n'afuluma, nga alina okuddayo eka nga bukyali, awo, nga bayingira nga bagabana ekifo ekyo. Mukiraba, nga bajja. Enkunjaana zaali nnungi nnyo, bantu abalungi ennyo. Era nzikiriza nti ensi, ekkana Enkristaayo, erumwa enjala ku lwa Katonda.

¹⁹ Kati nne—nne—nneesize nti . . . Weebale, ow'oluganda. Nne—nneesize nti—nti Katonda anaatuwa akaagaanya kano, we tusobolera okusisinkana awamu ne tukwata ku Makondeere ago Omusanvu agasembayo. Njagala nnyo okulungamizibwa okukola ebintu ebyo, musobole okukitegeera.

²⁰ Kati ate ku ky'enkyo ky'Abasajja Abasuubuzi . . . Emirundi egisinga, ettabi lyabwe ery'eyo, ndowooza baagamba nti baalina abantu wakati w'amakumi ataano n'ekikumi ku kyenkyo kyabwe. Era ku olwo ku makya baatunda tikiti lukumi mu lusanyu, ebifo ebirala ne babireka bulesi abantu ne babijjuza. Era buli lukuubo, n'okwetooloola ebisenge, ne ku madaala, wonna waali wayimiriddewo abantu. Era waaliwo n'abaweereza ab'ebitiibwa, n'abasaaseredooti abawerako, ne—n'abalala, abaali bawuliriza Obubaka. Kale n'olwekyo, nkimanyi, nzikiriza mu ngeri emu kirina kye kyayamba. Kyandiba nga kyakola kya maanyi ne—n'okusingawo, okusinga ne kye tuyinza okulowooza nti kye kyakola.

²¹ Kati, n'ekirala, olwa leero akawungeezi . . . Tujja kubeera ne . . . n'Obubaka akawungeezi ka leero, Mukama bw'anaaba ayagadde, ku—ku ky'okuyigako e—ekikwata ku ngeri, ekyogera ku mbeera zo ne Kristo. Era kati ekyo kijja ku . . . Bujja kuba bumpi. Twagala tutandike, njagala mbeere ku kituuti ku ssaawa emu n'ekitundu. Bwe kiba . . . Mutera kutandika ku ssaawa mmeka, ku ssaawa emu n'ekitundu? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Tutandika ku ssaawa emu n'ekitundu, naye tujja kutandika ku ssaawa emu."—Omu.] O, ku ssaawa emu, kati nze nja kubeera ku kituuti ku ssaawa emu n'ekitundu, zinaagenda okuwerera ebbiri ekitundu nga mmalirizza, Mukama bw'anaaba ayagadde, kubanga nja—nja . . . Njenda kwanguwako nga bwe nsobola, era njenda kutandika okwegezaamu.

²² Kaakati ate ekirala, kiri nti, wandibaawo abagenyi abawulira abantu nga baseka. Kubanga, ngezaako okuva wano, naye nnemererwa okuvaawo. Kiringa . . . Ka nsuubire nti tekiiwulikike nga ekivvoola, naye maama wange yateranga okugamba nti, abantu bwe bakunjaana awamu bwe batyo, kibeera nga akaloddo bwe kabeera ku makya nga obudde bunnyogovu. Omanyi, kabeera kakwafu, kale kasaanuuka mpola. Kati bwe kityo bwe kiri. Nange njenda mpola mu Bubaka buno, kubanga o—obuwoomu bw'ekikajjo kya Katonda,

nga bwe mumanyi, bulina engeri gye butugatta ne tukwata wamu. Era sa—sa—ssaagala, ssandyagadde kibeere mu ngeri ndala yonna. Nja—njagala kibeere mu ngeri eyo yennyini. Era, nzijukira twateranga okuyimirira ne tuyimba oluyimba olwo olugamba nti:

Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu

Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;

Okussa ekimu kwaffe okw'abantu ab'endowooza emu

Kuli nga kuli okwa Waggulu. (Mukiraba?)

Twawukana,

Ne kituleetera obulumi munda;

Naye tujja kusigala nga tuli bumu mu mutima,

Nga tulina essuubi okuddamu okusisinkana.

²³ Era nzi—nzikiriza nti ekyo bulijjo kye kinaabeera ekiruubirirwa kyaffe—kyaffe wano. Bangi ku batukuvu abo ab'edda bazze beebaka okuva mu kiseera ekyo, naye tukyali bumu mu mutima. Era ndowooza ku kwolesebwa kuli kwe nnafuna ku makya ga luli, bwe nnabalaba emitala eri, nga abasajja n'abakazi mu kitiibwa n'omukisa ogw'ekigera eky'obuvubuka, nga bakyafaanana nga bwe baali bafaanana, bwe baali wano ku nsi. Ndowooza balindiridde kujja kwaffe. Lumu tulibeegattako, Katonda nga ayagadde. Kati nja—nja . . .

²⁴ Kale mujjukire nti enkunjaana, ekitundu eky'ennyimba kijja kutandika ku ssaawa emu ey'akawungeezi, mu kifo ky'essaawa emu n'ekitundu.

N'ekirala, wiiki ejja, nja kubeera mu Shreveport, Louisiana, awo mu kkanisa ya Life Tabernacle e Shreveport, mu Louisiana. Era ndowooza bagezaako n'okufuna ekizimbe ekiri ebusukka kkubo. Ow'oluganda Moore yakubye essimu ekiro kya jjo, n'agamba nti bali. . . Lukunjaana olunene olubeerawo buli mwaka, era basuubira okuba n'omuwendo gw'abantu abawerera ddala.

²⁵ Njagala mbeeko obujulizi obutonotono bwe mpa nga ssinnasoma Byawandiikibwa. Luli waliwo o—omukyala eyali atudde wano, waaliwo. . . Okubalaga amaanyi agali mu muntu okusabira omulala. Nnina omukyala omulala gwe nnengedde ne. . . Margie Cox, mukyala w'Ow'oluganda Rodney atudde wano. Era ndowooza, kyaliwo wiiki ewedde, bwe twali wano, Omwoyo Omutukuvu bwe yali abikkula ebintu ebikisiddwa mu bulamu bw'abantu mu bizimbe, nga bwe mumanyi, abantu nga bategeezebwa ebiri mu bulamu bwabwe. Era omukyala oyo yali atudde. . . Mu kaseera kano atudde wano wennyini. Naye ku olwo yali atudde nga wali eri. Era—era nnatunulawo, era waaliwo omukyala eyali—eyali ayitibwa, eyalina obulwadde bwa sukaali. Era Margie yali. . . Kati mu kwolesebwa yali Margie. Era

Margie yali ayimiridde awo; naye bwe nnakyuka ne ntunulawo, nnamulaba, naye yali . . . Mu nze ne ndowooza nti . . . Ne ntunula ndabe omukazi ono omulala, ne Margie mu kwolosebwa yalimu, naye Ekitangaala kyali waggulu ku mukazi. Kye nna—nnava nneetegera.

²⁶ Mu nze ne njamba nti, “Kaakati, bwe nnaayitayo Margie, bajja kugamba nti, ‘Weewaawo, ekyo, kyeraga kyokka.’ Waliwo amumanyi, bagambe nti, ‘Ndaba, a—a, bba—bba y’omu ku mikwano gye—gye nfiirabulago, babeera wamu, basula wamu, bayigga wamu, ne—n’ebirala byonna, weewaawo, ekyo, asobola okukimanya.’” Naye ekyo Margie yali takimanyi. Naye nnayitayo mukyala oli omulala, eyali . . . nzikiriza, yali mwannyinaffe eyali ava mu Chicago, nnakitegeera luvannyuma.

²⁷ Naye ate ne kiba, nti mu ye . . . ku kkolero, bakebera obulwadde bwa sukaali. Era—era yali mulwadde wa sukaali. Era okwosa jjo, yabadde agenze, mu ddwaliro ku nsonga y’emu eyo. Kale—kale kati ekyo bwe yakyogera, kye nna mmujjukiza ku kino. Ne mmugamba nti, “Jangu wano, Mwannyinaffe Margie.” Ne mmubuulira nga bw’abaddenga afuna okusannyalala mu mikono gye, ne—n’engeri gy’abadde awulira obubi ennyo.

Mukazi wattu oyo, kyenkana akola emisana n’ekiro, engulu eri, oku . . . bambi maama omuwulize, okusobola okuyambako bba okusasulira amaka gaabwe ge bagezaako okuzimba. Era—era ye ne muganda we omuto, Nellie, ne Charlie, nga ye muganda wa Rodney, ne mukyala we, n’abalala bonna bakolera wamu mu makolero ago, nga bakola n’amaanyi ddala nga bwe basobola. Era baagumira ekivume, enviiri zaabwe baazireka ne zikula, ne balekera awo okukozesa eby’okwewunda, n’ebirala bwe bityo, bwe bafuuka Abakristaayo. Nzikiririza mu kwogera ebirungi ku muntu wonna w’aba agwanidde okwogerwako ebirungi. Era mazima ddala mu mutima gwange nsiima nnyo abakazi abo ababiri.

²⁸ Kale kati nnamukwata ku mukono ne mmusabira. Era yaddayo, tebaamusangamu wadde ettondo ly’obulwadde bwa sukaali. Kale, bwali bugenze.

Waliwo omukyala eyali atudde erudda wano eno, eyayitibwanga, nga ye mwannyinaffe ayitibwa Bruce. Enkya ya leero simulabawo, naye bulijjo abaddenga . . . Mukazi musabi nnyo. Era omukazi ono yayingira naye, gwali mulundi gwe nnasembayo okubeera wano, baali tebaagabye kaadi za baakusabirwa, oba ekintu kyonna, kale waali tewagenda kubaawo muntu yenna, tewaaliwo lunyiriri lwa baakusabirwa, wabula ba . . . Omwoyo Omutukuvu yayitayo buyisi bantu kuva mu kibiina.

²⁹ Era Mukyala Bruce ono, lumu ya—yali yawonyezebwako, kookolo. Era bulijjo a—abeera n’omugugu ku mutima gwe ku lw’omuntu omulala, era yali awo nga asaba. Era waaliwo

omukyala okuva mu Louisville, eyali afa, nga alina kookolo mu mimiro. Kati mwannyinaffe bwe yali asaba, Omwoyo Omutukuvu n'agenda butereevu eri omukazi oyo, n'amuyita, n'ebirala bye Yakola, n'amubuulira erinnya lye, n'amubuulira, manyanga, ekyo kye yali, n'ekyali kimutawaanya, ne bw'alina kookolo, n'amugamba nti, ajja kuba bulungi. Mukazi wattu n'agenda eka.

Waayitawo ennaku ntono okuva awo, n'atandika okusikondoka, kaabula kata afe, nga omumiro gwe gwonna guzimbye. N'akolola ekikololo ekinene, kookolo n'abuukayo. Era kati mulamu tteke. Mukiraba?

³⁰ Ekyabaawo, mulabeeyo, ekitole, nga kyo, kibeera kizimba ekirimu obulamu mu kyo. Mukiraba? *Kookolo*, kigambo ekiva mu ki—kigambo, ekikozesebwa mu by'ekisawo, ekitegeeza “enjaba,” ekitegeeza nti alina amagulu mangi nnyo, nga bw'olaba e—enjaba gy'ojja mu nnyanja era—era akunuunamu omusaayi. N'ekizimba kino kye yalina mu mumiro gwe kyalina, kyali, ekyo kye kyali kikola.

Kaakati, mulabeeyo, ssirwanagana na kizimba. Wabula nnwanagana na bulamu obuli mu kizimba. Mukiraba? Obulamu obuli mu kizimba bwe tulwanagana nabwo. Mukiraba? “Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu.” Ekigambo *omuzimu* kitegeeza “ekitulugunya,” nga ekitulugunya omubiri. Era guno gwali muzimu. Era obulamu bwe bwava mu kizimba, weewaawo, ekyo kyaleetera ekizimba okutandika okuzimba.

³¹ Nga akabwa ke batomeredde mu luguudo, oba ekintu bwe kityo, leka kibeere awo mu musana okumala ennaku nga ziizo, oluvannyuma, kijja kuzimbulukuka kyekubiseemu emirundi ebiri obunene okusinzira ku bwe kibadde kyenkana.

Kaakati, ekyo mukazi wattu kye kyali kimuleetera okweyongera okuba obubi. Emirundi mingi nkinnyonnyodde. Bwe weyongera okuba obubi, ako ke kabonero kennyini akalaga nti owonyezeddwa, okiraba. Kale kyali kyeyongera bweyongezi kuba bubi, era nga kimutuga, kubanga kyali kizimba. Era e...Naye kyali kitadde, obulamu bwali buvivuddemu. Era yali akolola okukamala, mukiraba, [Ow'oluganda Branham akolola—Omuk.] *bw'atyo*, nga kikutuse, kyeyawudde ku mubiri gwe omulala. Era ekintu ekyo ekifu, ekyali kisigadde nga mubiri bubiri ogutakyalimu bulamu, nga kookolo agenze, ne kyabuukayo, mukiraba, ne kigwa wabweru.

³² N'olwekyo, ekyo kye kyabaawo, ogwo mubiri gwe gwafuluma. Ekyo ekyafuluma tegwali muzimu. Eyo yali nnyumba mwe gwali gubeera. Gwavaamu olw'okukkiriza kw'omukazi kwe yalina mu ekyo ekyamugambibwa, n'akitegeera nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, ekyo kye kyatta kookolo, ne kimuggyamu obulamu.

Kati, ayinza okuba yaddayo ew'omusawo, omusawo n'amugamba nti, "Ebyo temuli makulu, e—e—ekintu kikyaliwo ddala nga bwe kibadde." Naye ekyo kyali kituufu, ekizimba kyali weekiri, naye obulamu, bwali tebukyalimu. Mukiraba?

³³ Kaakati, watya singa ekizimba ekyo kyali awantu we kitasobolera ku—kufuluma?

Ekyo ky'ekifaananyi? [Ow'oluganda Neville agamba Ow'oluganda Branham nti, "Ekyo ky'ekifaananyi ekiraga ekizimba ekyava mu Muky. Baker, okuva mu Springfield, Indiana. Era ya...Kino ky'ekifaananyi ekizimbulukusiddwa, eky'ekyo kye yakolola, oluvannyuma lw'okusabirwa."—Omuk.] Kiikino ekifaananyi ky'ekizimba ekyava mu Muky. Baker, okuva mu Springfield, Indiana, kye yakolola, oluvannyuma lw'okusabirwa. Ekyo ky'ekifaananyi kyakyo. Mukiraba, ogwo gwe mubiri omuzimu mwe gwali gubeera.

Kiringa ggwe bw'oli mu mubiri guno mw'obeera; guyinza okuba nga mutono, oba munene, nga gwa nviiri mmyufu, oba gwa nviiri nzirugavu, oba kyonna kye guli. Mukiraba? Ku bibiri ssetaani y'abeera mu mubiri guno, oba Kristo y'abeera mu mubiri ogwo. N'olwekyo, obulamu bwe buguvaamu, omubiri ggwo gusigala gukyaliwo wano ku nsi, mukiraba, naye obulamu buba teguguliimu.

Obulamu bwe bwafuluma, omubiri gwali gukyaliwo. Naye oluvannyuma gwekutula ku mubiri gw'omukyala oyo ne gugobebwa wabweru, omubiri ne gufuluma.

Naye bwe gubeera mu kifo we gutasobolera kufulumizibwa, awo omutima gwo gubeera gulina okuggyawo ekintu ekyo ekifu ne gulongoosa omusaayi, buli mulundi lwe kukuba. Kireeta omusujja, n'ebirala, kubanga bubeera buwuka. Mukiraba? Era omutima gwo gulina oku...Ndowooza nti omutima gulongoosa omusaayi nga bwe gutambula. Ekyo bwe kiri, Mwannyinaffe Dauch? Ndowooza bwe kiri. Omutima, bwe kukuba, gubeera gulongoosa. Mwannyinaffe oyo nnansi, nga bwe mumanyi, waliwo n'omulala atudde wano eno mu maaso ge. Gulong...guggyawo e...Era ekyo kye kivaako omusujja oguleetebwa obuwuka. Omusaayi bwe guyingirirwa obuwuka o—omusujja ne gulyoka gusituka.

³⁴ Kaakati, abantu, mukiraba, kikolebwa kukkiriza kwo. Ssi nneewulira zo n'akatono. Tekirina kakwate konna, na kino oba kiri, omukono gwange bwe guba tegugoloddwa. Ekyo tekirina kakwate konna nakyo. Ekyo kukkiriza kwange kwe kukikola. Mukiraba? Awo wennyini mu maaso gaffe, tulaba ekifaananyi ky'omuntu awonyezeddwa ddala, olw'okukkiriza. Era okuva awo tweyongerayo mu maaso nga bwe tulinnya ddaala ku ddaala okutuusa lwe tusingirira ddala mu muntu oyo, ne tweyongerayo n'okuwonyezebwa okwo. Mukiraba? Kiikyo. Era ekyo, ekyo kye

kikikola, kukkiriza kwo; si nneewulira zo. Okukkiriza kwo kwe kukikola. Katonda yeebazibwe era atenderezebwe!

³⁵ Kaakati tugenda kusaba, era tulina eky'okuyigako wano kye twagala okwogerako, mu kaseera akatono Mukama k'anaamala nga akolagana naffe okusinziira ku ky'okuyigako kino.

Era, kati, naye bwe wabaawo abamu ku mmwe abalina okugenda enkya ya leero, nga temuubeerewo mu lukunjaana olw'akawungeezi, Mukama nga ayagadde, nja—njagala nkomewo mbeere wano. Famire yange ejja kukomawo mu wiiki ya Ssekukkulu. Era kati, ku Ssande nga Ssekukkulu ewedde, Mukama nga ayagadde, njagala mbuulire Obubaka bwange obwa Ssekukkulu wano mu kkujaananiro; ku Ssande nga Ssekukkulu ewedde. Mukama nga ayagadde, omutwe gujja kubeera, *Abungeeta Mu Nguudo*.

Kale kaakati leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe nga tetunnasoma kyawandiikibwa.

³⁶ Mukama waffe Yesu, beera kumpi naffe mu kaseera kano kennyini. Era tukimanyi nti kibeera kizibu mu kkanisa yaffe entono, bwe wabaawo bangi abayimirira. Naye—naye tetuli wano lwa kuba ekifo kirimu okutebenkera, nti kituwa okuwulira nga tutebenkedde mu mubiri, kubanga kino si kifo ekirimu okutebenkera. Era tetuli wano kulabibwa. Wabula tuli wano kubanga tuwulidde Okubeerawo Kwo. Era tumanyi nti Oli wano. Era tuli wano okugololwa. Era tuli wano, nga tumanyi nti tuli mu nnyumba ya Katonda. Era tuwulira bulungi okubeera wano, wadde nga tetwegazaanya bulungi, okuyimirira, ne—n'okutuula nga twenyigirizza, naye tuli wano kubanga tu—tuwulira nti Katonda ali wano.

³⁷ Era mu ngeri y'emu omuvubuka oyo gy'ateekwa okuba nga yawulira ekiro ekyo, Pawulo bwe yabuulira ekiro kyonna, nga bwali bubaka buwanvu, ob'olyawo okuva enjuba lwe yagwa okutuusa lwe yavaayo, enkeera ku makya agaddako. Era omuvubuka omu eyali atudde waggulu eri, yawanukayo n'agwa wansi ne balowooza nti afudde. Naye Pawulo n'amugalamirako, era Omwoyo wa Katonda eyali ku mubaka n'akomyawo omwoyo gw'obulamu mu mubiri gw'omuvubuka. N'agamba nti, "Agenda kuba bulungi," era omuvubuka n'aba mulamu. Yali ayagala kuwuliriza Pawulo bye yali ayogera.

³⁸ Era, ayi Katonda, naffe enkya ya leero twagala okuwulira Omwoyo Omutukuvu ky'ayinza okwogera eri emitima gyaffe. Era tukusaba Otumenyeremenyere Omugaati gw'Obulamu eri buli omu ku ffe, kibeere nti bwe tunaava wano olwa leero, tetuuve mu kizimbe kino nga tuli bantu be bamu nga bwe twabadde we twayingiridde. Tusaba nti Abakristaayo beeyongere okukusemberera. Tusaba aboononyi bakyuke olwa leero. Tusaba abalwadde bawonyezebwe. Era tusaba Obwakabaka bwa Katonda busembere gye tuli, sinakindi

bubeere munda mu ffe. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu Kristo, nga bwe tulindirira Omwoyo We okutuwa Ebigambo. Amiina.

³⁹ Kaakati leka tubeeko Ekyawandiikibwa kye tusoma, nga ekyo... Ekigambo kya Katonda lubeerera kiba kituufu.

Era kati, buli omu, ndaba muli ba kisa nnyo eri abo abayimiridde. Ndaba nga omu asituka n'atuula wansi, n'abaako omulala gw'awa ekifo atuule. Ekyo kirungi nnyo. Nnyabula ssinga tubadde n'ekifo ekigazi obulungi, naye mu kiseera kino, tetukirina.

Mubikkule mu Matayo 27, era tugenda kusoma okuva ku lunyiriri olw'e 11, oluvannyuma twogereko ku ky'okuyigako kino.

Awo Yesu n'ayimirira mu maaso g'ow'essaza: ow'essaza n'amubuuza, ng'agamba nti, Ggwe Kabaka w'Abayudaaya? . . . Yesu n'amugamba nti, Oyogedde.

Bakabona abakulu n'abakadde bwe baamuloopa n'ataddamu n'akatono.

Awo Piraato n'amugamba nti, Towulira bigambo bino bye bakulumiriza bwe biri?

Naye teyamuddamu kigambo na kimu; ow'essaza n'okwewuunya ne yeewuunya nnyo.

Naye ku mbaga o—ow'essaza yalina... okusumululiranga ekibiina omusibe omu, gwe baayagalanga.

Era mu biro ebyo baalina omusibe omumanyi, ayitibwa Balaba.

Awo bwe baakunjaana, Piraato n'abagamba nti, Aluwa gwe mwagala mmubasumululire? Balaba, oba Yesu ayitibwa Kristo?

Kubanga yamanya nga bamuweesezzaayo buggya.

Era bwe yatuula ku ntebe ey'emisango, mukazi we n'amutumira, ng'agamba nti, Omuntu...oyo omutuukirivu tomukola kintu n'akatono: kubanga nnalumiddwa leero bingi mu kirooto ku lulwe.

Naye bakabona abakulu n'abakadde ne babuulirira ekibiina okusaba Balaba, bazikirize Yesu.

Naye ow'essazza n'addamu n'abagamba nti, Ku bano bombi aluwa gwe mwagala mbasumululire? (Teebereza!) Ne bagamba nti, Balaba.

Piraato n'abagamba nti, Kale nnaakola ntya Yesu ayitibwa Kristo? Kale nnaakola ntya Yesu ayitibwa Kristo? Era bonna ne bagamba nti akomererwe.

Naye ow'essaza n'agamba nti,...ekibi ky'akoze kiruwa? Naye ne bakaayana nnyo, ne bagamba nti, Akomererwe.

Awo Piraato bwe yalaba nga taasobole n'akatono, era nga bayinze okukaayana, n'addira amazzi, n'anaaba mu ngalo mu maaso g'ekibiina, ng'agamba nti, Nze siriiko kabi ku lw'omusaayi gw'omuntu ono omutuukirivu: musango gwammwe.

Abantu bonna ne baddamu, ne bagamba nti, Omusaayi gwe gubeere ku ffe ne ku baana baffe.

Awo n'abasumululira Balaba: naye Yesu n'amukuba enkoba, n'alyoka amuwaayo okukomererwa.

⁴⁰ Nga kifaananyi kya nnaku nnyo! Kino omutwe gwe nkiwa, bw'oba wandiyagadde okuguwandiika mu ngeri eyo, oba bwe tuba ba kukiwa mutwe. Era ob'olyawo olutambi lujja kuweebwa omutwe ogugamba nti: *Nnaakola Ntya Yesu Ayitibwa Kristo?* Ate eky'okuyigako kye njagala nkozese, ogwo nga bwe kiri nti gwe mutwe gw'eky'okuyigako, njagala nkozese eky'okuyigako ekigamba nti, "Olina Yesu Ku Ngalo Zo." "Olina Yesu Ku Ngalo Zo, Onookola Ki?"

⁴¹ Kye twogerako, enkya ya leero, kitandikira mu kkooti, nga Piraato, ow'essaza, ayitiddwa okujja, a—abeeko ky'akola era—era awe ensala y'omusango. Obudde bwali bwa ku makya nnyo, nga tebunnaba wadde okusaasaana, era yali atawaanyiziddwa okuva mu tulo twe, era—era yali ayitiddwa okujja awulire o—omusango gw'Omusajja ono.

⁴² Kyali kiseera kya kukomererwa kwa Mukama waffe era Omulokozi waffe, Yesu Kristo. Yali—Yali talina ky'akoze, kye baali bayinza kumuvunaana, era buli kimu kyonna Yali—Yali akyanukudde. Wabula ekiseera kyali kituuse nga kirina kuba bwe kityo.

Tewali kisobola kubaawo nga tewali kintu mabega waakyo kikiyiriddeko kubeera bwe kityo. Wateekwa okubaawo ensonga ku lwa buli kintu ekibaawo. Kubanga, weewaawo ki—ki kisindiikirizibwa, omwoyo oguli mu bintu, ne mu bantu, n'ebirala. Kibaako ekigendererwa, wamu ne—n'ekiruubirirwa, era walina okubaawo n'ensonga.

Era, ensonga lwaki kino kyalina okutuuka ku Musajja ono ow'ekitalo eyali abadde ku nsi, oba eyali abaddewo; ensonga lwaki kyabaawo bwe kiti, eri lwakuba ekiseera kyakyo okubaawo kyali kituuse. Mukiraba? Kiteekwa kuba bwe kityo, era tewaaliwo ngeri yonna ya kukisimattuka. Kyali—kyali kirina kuba kiseera ekyo.

Era Yesu yali azze ku nsi mu ngeri yennyini Ekigambo kya Katonda gye kyali kyalagula nti bw'Alijja. Yakolera ddala ekyo kyennyini Ekigambo kye kyagamba nti ky'Alikola. Yatambulira

mu bulamu, obwo bwennyini, era Katonda n'amanyibwa, manya n'alabisibwa, eyali Ensigo ey'ekiseera ekyo. Kaakati mujjukire nti, Katonda...

⁴³ Bayibuli etandikira mu Lubereberye n'egenda okutuuka mu Kubikkulirwa. Kaakati lino ly'essomo lye—lye njagala mutegeere, nti... Mulabeeyo, mu buli mulembe wabaddengawo ekyogerwa, mu Bayibuli, ku kintu gundi ekinaabaawo mu buli mulembe.

Okugeza Danyeri yalaba e...yavvuunula ekirooto kya Nebukadduneeza; n'annyonnyola engeri obwakabaka bw'Ab'amawanga gye bulijjamu, n'engeri gye buligwamu, n'engeri gye bulikomekkereza. Era buli omu ku bantu abo mu bika ebyo n'amawanga ago, amaanyi g'Ab'amawanga ago agafuga, agazze gafuga ensi yonna, gakoledde ddala ekyo kyennyini nga okwolesebwa okwo bwe kwagamba nti bwe galikola.

⁴⁴ Nebukadduneeza, eyali omutwe ogwa zaabu, bwe yatwalibwa, awo Abameedi n'Abaperusi ne bajja; era obutonde bwabwe, okusinziira ku—ku butonde bw'ekintu ekyali ku kifaananyi, n'okusinziira ku ekyo nnabbi kye yayogera, byali bikwataganira ddala. Nebukadduneeza, ye yali omutwe ogwa zaabu, nga bwe Bwakabaka obusingayo okuba obw'amaanyi era obwasooka. Ne kuddako Abameedi n'Abaperusi nga ye ffeeza. Okuva awo ne kikkirira wansi okutuuka ku bisambi, e—ebyali eby'ekikomo. Era buli kyuma kigenda kyeyongera okubeera ekigumu ennyo ddala; nga zaabu y'asinga okubeera omugonvu. Era kikomekkerereza mu kyuma, nga kye kisingayo obugumu mu byonna, kye kyuma.

Kati, buli bumu ku bwakabaka obwo bwabaawo, okusinziira ku butonde bwabwo, mu ngeri yennyini nga nnabbi bwe yagamba nti bwe buliba. Era yali akola ki? Yali asiga nsigo amawanga gabeere bulindaala, era buli mulundi obwakabaka obwo bwe bwajjanga, bwalina okukola okusinziira ku ekyo Ekigambo ekyo kye kyagamba.

⁴⁵ Era oluvannyuma Masiya yalina okujja. Ne Kristo bwe yajja, Yalina okwanukula Ebigambo bya Katonda ebyo ebyalina okutuukirira, nnabbi gwe yayogerako, nti by'Alikola.

Musa yagamba nti, "Aliba—Aliba Nnabbi alinga nze." Era ssinga mubadde...singa tubadde n'obudde obumala ekyo okukigeraageranya n'ekyaliwo ne tulaga kyennyini ekyaliwo mu kiseera ekyo eky'ekitalo, Isiraeri bwe baali mu buwambe bwa Misiri, engeri Musa gye yazaalibwamu nga omwana ow'enjawulo, atali wa bulijjo; n'engeri gye ya—gye yajjamu, n'akuzibwa, n'engeri gye yakwekebwa mu bitoogo; n'engeri gye yafuuka omukulembeze, n'agenda mu nsozi n'afuna amateeka, oluvannyuma n'akomawo. Era nga teyali mukulembeze kyokka; wabula yali kabona, era kabaka, era gavana. Ebintu ebyo

byonna, n'engeri gye byayolekera ddala Kristo yennyini. Era Musa n'agamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga nze." Mukiraba?

⁴⁶ Kati, Kristo bwe yazaalibwa, Isiraeri nate era yali mu buwambe oluvannyuma lw'okuwambibwa Obwakabaka bwa Rooma. Kati kiki kye Yali? Yazaalibwa nga Mwana wa njawulo, era atali wa bulijjo, n'engeri gye Yakuzibwamu. Engeri gye Yalinnya waggulu mu nsozi, n'akka wansi n'agamba nti, "Mwawulira ab'edda, bwe baagambibwa nti, 'Tobbanga.' Mwawulira bwe baagambibwa nti, 'Toyendanga,' wabula Mbagamba nti, buli atunuulira omukazi okumwegomba, nga amaze okwenda." Omuwi w'Amateeka, mukiraba, era Kabaka, Kabona, Nnabbi, nga afaananira ddala nga Musa bwe yali. N'olwekyo ebintu bino byonna byalina okutuukirira, era waaliwo ekiseera ekyo ekyali eky'obulamu bwa Masiya, ebyo mwe byatuukirizibwa ddala nga bwe byalina okuba.

Kaakati, kino kyandiba nga ky'eky'okuyigako ekiwanvu kye njenda okusembayo okuyigirizaako okumala akaseera. Kati njagala mukitegeere bulungi.

⁴⁷ Ekigambo bwe kiba kyogeddwa eri omulembe ogumu, wagenda kubaawo omuntu asituka anaatuukiriza Ekigambo ekyo, kubanga Katonda akyogedde. Kubeera kukakasibwa kwa Kigambo ekyogere. Era Yesu yatuukiriza buli kisaanyizo kyonna, era ye yali Ekigambo, ekyakakasibwa okuba Masiya, yennyini. Waliwo n'Ebigambo, ebyayogerwa mu Bayibuli, eby'ebiro eby'oluvannyuma. Ebigambo ebyo birina okufuuka ebiramu.

⁴⁸ Era tukiraba wano, mu nnaku za Mukama waffe nti, ekanisa yali yamugaana dda nga Tannagenda mu kkooti ya Piraato. Baali baamugaana, okuva ku lunaku lwennyini obuweereza Bwe lwe bwatandika okuwa obunnabbi n'okubabuulira Amazima agakwata ku Kigambo. Kati, ekyo baali tebasobola kukitegeera, engeri Ye, nga Omuntu, gye yali asobola okutegeera ekiri mu mitima gy'abantu. Naye tebaakimanya, nti, Ekigambo ye Katonda! "Era Ekigambo," Bayibuli egamba nti, "kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima."

⁴⁹ Era baayagala bamuyite omuzimu. N'abagamba nti, "Ekyo Nja kukibasonyiwa. Naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja n'akola ekintu kye kimu, ne mumuvvoola ekyo tekiribasonyiyibwa."

Era ebintu bino byonna bye Yalagula okubaawo mu kiseera kino, waliwo ekirina okubifuula ebiramu. Era bwe Kinaafuulibwa ekiramu, Kijja kuba kyawukanira ddala ku ekyo abantu kye balowooza nti kye Kiri, okutuusa nti—nti Abalonde bokka be balikiraba. Bulijjo, Abalonde be bokka abalikiraba, kubanga Baalondebwa era baayawulirwa okukiraba. N'olwekyo, tekisoboka, kuba mu ngeri ndala yonna.

⁵⁰ Yesu yagamba nti, “Temusobola kujja Gyendi. Tewali muntu ayinza kujja okuggyako nga Kitange y’amuyise; era bonna be Yampa baliija gye Ndi.” Mukiraba? Mukiraba? N’olwekyo tewaaliwo ngeri yonna. Yagamba nti, “Mulina amaaso naye temulaba; mulina amatu, naye temuwulira.” N’agamba nti, “Ddala Isaaya yabalagulako bulungi.” Mukiraba? Obunnabbi bwa Isaaya nga buvaayo, ne bulabisibwa.

Ekyo tokyerabira, ggwe ali wano oba ggwe awuliriza olutambi, nti Ekigambo kya Katonda kiteekwa okulabisibwa. Katonda avunaanyizibwa okukakasa nti Kirabisibwa.

⁵¹ Nga Yokaana Omubatiza bwe yayawulibwa okukulemberamu okujja kwa Kristo, waalina okubaawo omusajja agolokoka okutwala ekifo ekyo. Ekigambo ekyo kirina okutuukirizibwa.

⁵² Era Yesu bwe yajja nga Masiya omufukeko amafuta, era n’akolera ddala ekyo kyennyini Ekigambo kya Katonda kye kyagamba nti ky’Alikola; naye ate Abayudaaya baali banoonya kintu kirala, “Kabaka ajja n’omuggo ogw’ekyuma mu mukono Gwe,” ekyali eky’okubaawo mu maaso eri. Naye Yatuukiriza buli Kigambo.

Lumu Yali Kaperunawumu, n’Akwata Ekyawandiikibwa n’asoma, (ekyo mwali mukyekalirizza?) Ekyawandiikibwa ekyo yakisomako kitundu. Bwe Yamala okukisoma n’awummuza wansi Ekitabo, n’agamba nti, “Olwa leero kino kituukiridde.”

⁵³ Bwe Yali agenda okubuulira omwaka gwa jubireewo, kati, lwaki ekitundu ekisigadde teyakisoma? Kubanga Kikwata ku Kujja Kwe kuli okulala. Ebyo baali tebeetaaga kubimanya. Ebyo bya mulembe guli mw’Alijjira.

Naye omulembe mwe Yali, eyo y’ensonga lwaki Yasobola okugamba nti, “Olwa leero Ekyawandiikibwa kino kituukiridde mu maaso gammwe. Wano wennyini mukiraba. ‘Okubuulira ekiseera eky’okukkirimizibwamu, n’okusiba abalina emitima egimenyese, n’okuwonya abalwadde.’” Ekyo kye kyamuleeta.

Ekitundu kya Kyo ekisigadde kyali—kyali kya kuleeta musango eri Ab’amawanga, n’ebirala, era ekyo kye kiddako. Mukiraba, Ab’amawanga baalina okusooka, okumugaana.

⁵⁴ Kaakati, ku kukomererwa, we tuli olwa leero ku ky’okuyigako ekigamba nti, “Yesu ali ku ngalo zo.” Ekigambo kya Katonda kyali kikakasiddwa awatali kakunkuna konna, nga kikakasiddwa emirundi n’emirundi, nti Ye yali eky’okwanukulwa eri Ekigambo kya Katonda. Abawandiisi we baali . . .

⁵⁵ Mukiraba, Ekigambo Katonda yamala dda okukirambika. Leka obuweereza bukisome bukyekkaanye. Naye, olaba, batwalamu kigambo kya muntu mulala kye yakyogerako; oba eky’ekibinja ky’abasajja abamu. Bazibibwa nnyo amaaso eri

Amazima, ne kituuka okuba nti, Amazima bwe ganjulwa mu maaso gaabwe, balemwa okugalaba. Naye, olaba, Katonda mwenkanya, weekiri Yakiwandiika. Yakiwandiika, wano wennyini mu Kitabo, ekigenda okubaawo leero, n'olwekyo Kijja kutuukirira. Naye abalala abataayawulirwa kukiraba, tebalikiraba, mukiraba, ba—bakitabula butabuzi.

⁵⁶ Era eyo y'engeri gye baakirinamu mu kiseera ekyo. Baali tebakitegeeranga nti Ekigambo ye Ye. Era okuyita mu bubonero bwali bulaga nti Ye yali Omubaka ow'ekiseera ekyo, ekyo tewali ayinza kukiwakanya. Nnabbi We yakyogerako; yagamba nti, “Nze, nteekwa okukkakkanyizibwa, naye Ye ajja kugulumizibwa. Ssisaanidde kusumulula ngatto Ze, naye Ayimiridde mu makkati gammwe kaakano,” bw'aty'o Yokaana bwe yagamba. “Era Alijja. Era embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'omuti; era emiti egitabala bibala gijja kuggyibwa mu kibira, egyo, oba mu—mu lusuku lw'emizabbibu, oba mu—mu lusuku lw'ebibala. Tegijja kusigalamu.”

⁵⁷ Kaakati, tukiraba nti ebintu ebyo byatuukiririra ddala nga bwe Yayogera. Yali asobola okumanya ebirowoozo bye balina mu mitima gyabwe. Yali Nnabbi. Buli kintu kyonna kye Yalagula, kyatuukiririra ddala nga bwe Yakyogera.

“Ngenda e Yersaalemi. Nga ndi eyo Nja kuweebwayo mu mikono gy'abantu aboonoonyi. Era balimubonyabonya nnyo, era Alikomererwa. Era ku lunaku olw'okusatu Alizuukira.” Naye n'abagamba nti, “Kino temubaako muntu yenna gwe mukigamba.” Era Yabaziba amaaso, ne batakitegeera okutuusa Ekigambo ekyo lwe kyatuukirira.

⁵⁸ Mukiraba, emirundi mingi Atuleka ne tuzibwa amaaso okutuusa mu kiseera we twetaagira Ekigambo ekyo. Atuleka ne tuziba amaaso eri ebintu bye tulaba olwa leero, kubanga kino ky'ekiseera we twetaagira Ekigambo ekyo, okukakasa ekiseera mwe tuli. Mukiraba? Ebintu bino bajjajjaffe baali tebabimanyi. Bayibuli egamba nti baali tebayinza kubimanya. Yali yabikweka, naye mu—mu nnaku ez'oluvannyuma Bijja kubikkulibwa eri abaana ba Katonda; oba, bikole, bijja kulabisibwa, okwolesa ekitiibwa Kye n'amatendo Ge ku nsi.

⁵⁹ N'ebyo byonna Danyeri bye yayogera ku nnaku ez'oluvannyuma, n'okuba nti, “Abo abamanyi Katonda waabwe balikola eby'obuzira.” Era waliwo Ebyawandiikibwa bingi nnyo ebyogera ku biro bino bye tulimu! Nga bino bwe biriba ebiseera ebibi, eby'okulimbibwa ebiriba ku nsi! Era ekyo kyennyini kye tulina kaakano kituukiriza Ekigambo ekyo.

Baali—baali—baali baweereddwa akakisa okumulaba, naye, baagaana Masiya waabwe yennyini.

Ne leero kye kintu kye kimu, ekintu kye kimu kyennyini. Tuweereddwa akakisa, kubanga Katonda tasobola

kusala musango nga tasoose...nga talina nsonga ntuufu kw'asinzirakusala omusango Gwe.

Kati, singa obaako o—omuntu ali ku luguudo gw'ogamba, nga avugira ku misinde emiyitirivu; n'omuyimiriza, n'omugamba nti, “Emmanga eri mu luguudo waliwo e—ekinnya. Bw'ogenda mu maaso ku misinde egyo, ojja kufa.”

⁶⁰ Naye n'akugamba nti, “Ebyo temuli makulu, nze kye nkola nkimanyi.” Awo, olaba, omusaayi gwe teguyinza kukubeerako, kubanga eky'amazima obeera omulabudde.

Kati, ne Katonda akola ekintu kye kimu okuyita mu Kigambo Kye. Alabulira ddala abantu ku musango ogugenda okujja, n'ayolesa obubonero Bwe n'ebyewuunyo ebyalagulwa mu Bayibuli okubaawo mu mulembe ogwo. Abibalaga, naye era abantu Ekigambo ekyo bamala gakibuuka bubuusi.

Si kyangu omuntu okugenda mu ggeyeena. Omuntu alwana bulwanyi okugenda mu ggeyeena. Obulimba bwe wasooka okwogera, wakimanya nti kyali kikyamu. Omunwe gwa ssigala gwe wasookera ddala okunywa, wakimanya nti kikyamu. Ekibi kye wasookera ddala okukola, wakimanya nti kyali kikyamu. Era munda mu kulumirizibwa kwo, kwakugamba nti kyali kikyamu, naye wagenda mu maaso n'oyitawo nga ekitaala ekimyufu kyase, n'obuuka emiziziko. Oli mulagajjavu. Oyagala ogende mu maaso okikole, olage nga bw'oli omuntu ow'ekitalo. Okiraba? Naye, jjukira nti, olwana bulwanyi okugenda mu ggeyeena. Si kyangu okugenda mu ggeyeena. Olina kusooka kugaana Mazima.

⁶¹ Nga tonnagwa ku kabenje, olina okusooka okuyitawo nga ekitangaala ekimyufu kyase. Nga tonnagwa ku kabenje, olina okukikola, emmanga eri mu luguudo, osooka kufuna ku—kulabulwa okwateekebawo. Naye, ggwe, olina engeri eyiyo gy'oyagala okikolemu, omuntu bw'aty o bw'ali leero. Era amanyi nnyo okusinga omuntu omulala yenna, era tajja kuwuliriza bu—bubonero na kulabulwa kwa Musango ogubindabinda, n'abo abagaana Kristo.

⁶² Kaakati weetegereze, ne kye baali bakkirizza mu kifo kya Kristo ono. Kaakati lowooza ku kkanisa eyaliwo mu kiseera ekyo, bwe yali yaziba amaaso. Baali baagaana omutemu ow'olukale, Balaba. Omusajja eyali yakakasibwa nti mutemu, era nga yali alindiridde kimu kyokka kusalirwa musango gwe. Naye ya—yali yakakasibwa okubeera o—omutemu, era yali musajja mubi. Naye olw'okuba nti—nti Obulamu bwa Yesu...

Kubanga, Ya—Yabasoomooza. Yababuuza nti, “Ani ku mmwe ayinza okunvunaana ekibi?” *Ekibi* bwe “butakkiriza.” “Bwe mba Ssikola mirimu gya Kitange, kale temunzikiriza, bwe mba ssibabuulidde Mazima ga Byawandiikibwa, nga n'Ebyawandiikibwa binjogeredde, Byo byennyini. Mukebere mu Byawandiikibwa,” bwe Yagamba, “kubanga mu Byo mulowooza

nti mulina Obulamu Obutaggwaawo, ate nga Byo byennyini Bye binjogerako mu mulembe guno.”

⁶³ Naye baagamba mbu, “Yeefuula Katonda. Yeefuula wa kitalo.” Talina kye Yeefuula. . . Katonda ye yamufuula Katonda; Yali Katonda. Ye yali okutuukirizibwa kw’Ebyawandiikibwa. Teyeefuula kuba kintu kyonna. Katonda ye yamufuula kye Yali. Era, kati, ekyo kyali lwakuba kye kyali ekiseera ky’Ekigambo ekyo okutuukirira. Naye, Ekigambo ekyo tebaasobola kukiraba, kubanga Kyali kikontana n’endowooza z’ebibiina by’amadiini gaabwe, ze baali baagunjaawo ezinnyonnyola Kristo. Era baali baazibwa nnyo amaaso nga Ekigambo tebayinza kukiraba.

⁶⁴ Kaakati, ate nga oggyeeko ekyo, okusobola okweggyako Omusajja ono, baalina okuyimbula omutemu, atigomya ekyalo, kyali kivve abantu abo okukola bwe batyo, kye baakola kyali kivve, omutemu, baalina okumuyimbula, basobole, oku—okugaana Kristo.

Era omusajja yenna oba omukazi yenna nga tannakkiriza kikyamu, alina kusooka kugaana kituufu. Waliwo eky’enjawulo ku butonde, bulina etteeka kwe butambulira, nti olina kusooka kugaana kituufu nga tonnakkiriza kikyamu.

Nga bwe nnaakava okunokola, o—okwewala okwogera obulimba. . . Wa—wayogera obulimba nga okontana n’okulamula kwo okusinziira ku ky’omanyi nti kye kituufu. Wayogera obulimba nga okontana n’okulumirizibwa kwo. Wayogera obulimba nga okontana n’ekyo maama wo oba bazadde bo kye baakuyigiriza okukola. Oba, n’obutonde bwennyini bukuyigiriza nti tolina kukikola. Kale, n’olwekyo, ggwe, okugaana Amazima, olin okukkiriza o—o—obulimba, era olin kusooka kuaana Mazima nga tonnakkiriza bulimba. Mukiraba?

⁶⁵ Kaakati ekyo abantu bano kye baali bakoze, baali bagaanye Amazima. Ate nga Ye yali Amazima. “Ye nze Kkubo, Amazima, n’Obulamu.”

“Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda. Kigambo n’afuuka omuntu n’alabisibwa mu maaso gaffe.” Mu Timoseewo Ekisooka 3:16, “Awatali kubusabusa, ekyama ky’obulamba bwa Katonda kikulu nnyo, kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, ne tumukwatako n’engalo zaffe.” Katonda, Yakuwa! Ki—kiwuniikiriza, kyanaamiriza, okuba nti Katonda Oyo eyatondeka e—e—ensengeka y’ebyo ebyaka mu bwengula, eyakola emmunyeenye ennene emirundi lukumi okusinga ensi eno. . .

⁶⁶ Era singa wabaawo emu ku mmunyeenye ezo ewanuka waggulu eyo okujja ku nsi, ku misinde gya mayiro omutwalo gumu buli ssaawa, mbabuulira, kisobola okugitwalira emyaka obukadde kikumi okutuuka wano; eri wala nnyo. Obumunyeenye

bubiri waggulu eri, obulabika nga obweyawudde mu bbanga lya yinci bbiri zokka, bw'obulengerera wano, buli wala nnyo buli kamu okuva ku kalala okusinga ffe bwe tubuli ewala. Naye, ate, tewali n'emu ku zo etanywerera mu kifo kyayo. Kaakati ekibinja ky'emmuniyenge ekyo ekyenkana awo obunene, ha, bannange, olwo Katonda yenkana wa obunene n'obugazi Oyo asobola okukola ebintu ebyo! Buli kimu kirina okunyweza kinnaakyo. Y'ensonga lwaki bisigala nge bwe biri. Singa biyuuga ne bisagaasagana, enkola yonna eba ya kugwa.

⁶⁷ Ekyo kye kyabaawo mu Adeni. Kaawa bwe yasagaasagana n'ava ku biragiro bya Katonda, oluse lwonna lwagwa.

Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero. Tetulina kuba nga tweekutuddekutudde mu bibiina n'amadiini, n'ebirala. Tulina kuba baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, nga tuwaniridde wamu ekibinja ky'ensi ekikulu.

⁶⁸ New York, wiiki ewedde, nnina obubaka bwe nnali mpuliriza obwanokolwa, manya obwayogerwa Einstein, munnassaayansi nnakinku, o—oyo amanyiddwa nga ssa—ssaabakenkufu w'ekiseera ekyo. Era nnali...nnabuwuliriza. Oluvannyuma ne njenda mpulirize Norman Vincent Peale, nga ayogera ku by'obwongo ku ngeri abantu gye balina okukolamu ebintu, oba okutambulamu, basobole okukwatagana n'eby'obwongo.

Kaakati, ku Einstein, yali ayogera ku kibinja ky'emmuniyenge ekiri eyo wakati w'ensengeka y'ebiyaka mu bwengula, ekyesudde emmuniyenge. Era singa omuntu asobola okutambulira ku sipiidi, nzikiriza yagamba, eyitibwa sipiidi ya kitangaala,...Kati, ndowooza, eyo ebeera sipiidi ki,...emitwalo munaana mu kakaaga? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Emitwalo kkumi na munaana mu kakaaga."—Omuk.] Kikumi, emitwalo kkumi na munaana mu kakaaga buli katikitiki, eyo ye sipiidi ekitangaala kwe kitambulira. Naye kati sipiidi eyo gimenyeemenye mu ddakiika ttaano, olabe obukadde n'obuwumbi bwa mayiro bw'obeera otambudde. Gy'emyaka o—obukadde kikumi mu abiri egy'ekimyanso, gy'obeera ogenda okutambula okutuuka ku kibinja ekyo. N'emyaka emirala kikumi mu abiri, manya emyaka obukadde kikumi mu ataano; emyaka obukadde kikumi mu ataano amagenda, n'emyaka emirala obukadde kikumi mu ataano amadda.

⁶⁹ Naye balina kye baatuukako ekyabasobera. Ne ba, oluvannyuma lw'okugenda waggulu eyo n'okudda, eky'amazima kibeera kijja kukutwalira emyaka obukadde busatu okugenda ku lugendo olwo, emyaka obukadde bisatu. Emyaka obukadde bisatu okugenda ku lugendo olwo, naye, bw'okomawo ku nsi, eky'amazima obeera omaze emyaka ataano gyokka nga toliiwo. Obotola n'oyingira mu Butaggwaawo. Tebulina we bukoma.

⁷⁰ Naye kaakati okukirowoozaako obulowooza, nti, Katonda Oyo eyakola ebintu ebyo byonna n'abisengeka nga bwe birina

okuba, era n'abyogerako, yakka wansi n'ayambala omubiri mu makkati gaffe, okusobola okutununula. Era n'atussaamu nnyo ekitiibwa n'Okubeerawo Kwe okw'ekitiibwa, okuba nti Ya—Yali yajja n'ayimirira wano ku nsi eno ejjudde ekibi mu nnaku ez'oluvannyuma, akakase Ekigambo Kye nti bwe kiri, kubanga avunaanyizibwa eri Ekigambo ekyo. Amiina. Obusukkulumu n'obwenkanya bw'Oyo omukulu Akutte ebintu ebyo mu mukono Gwe!

⁷¹ Weetegerenze, amawanga. E—ekkanisa erina okusooka, kugaana Ekigambo Kye. Oluvannyuma, ekanisa bwe yamala okukigaana ne bamuyita “Beruzebuli, oba omuzimu,” Kyaleetebwa eri gavumenti, oluse lwonna lusobole okusalirwa omusango. Kaakati tulaba Yesu, enkya ya leero, mu maaso ga—gavana, Piraato, Omuruumi, nga agenda kuwozesebwa. Era tukiraba nti ekanisa ye yasooka, okumugaana, kubanga tebakkiriza Bubaka Bwe, kubanga baali tebamanyi Kigambo.

⁷² Yesu yabagamba nti, “Ssinga Musa mwali—mwali mwamuwuliriza, mwandibadde mukkiriza Ekigambo Kyange, kubanga ye yanjogerako Nze.” Mukiraba? Kiikyo awo Ekigambo nnabbi kye... Kubanga, mu—Mukama ajja eri nnabbi, era nnabbi yayogera Ekigambo eky'ekiseera ekyali eky'okujja. Era wano Kyeyogerako, ne kigamba nti, “Mugamba mbu Musa mumumanyi era ye mulunnamya wammwe. Naye Musa temumumanyi, n'Ekigambo kye temukimanyi.” Amakulu mu kyo, Yagamba nti, “Ye nze Kigambo. Ye nze Kigambo ekikakasiddwa Musa kye yagamba nti kirijja, naye ate munvumirira.” Mukiraba? Olw'obulombolombo bwabwe, mukiraba, ekanisa yamuvumirira.

⁷³ Kaakati, kaakati tumulaba wano mu maaso ga Piraato, n'ekirala, nga akakasiddwa ddala, nga akakasiddwa eri ebiro, manya eri ekanisa, nga akakasibwa omubaka ow'ekiseera ekyo. Baali baweereddwa akakisa okulaba era bakkirize, naye Ekigambo ekyo baakigaana. Lwaki baakigaana? Bangi ku bo Ekigambo ekyo baayagala bakikkirize; naye obulombolombo bwabwe, si bantu, wabula obulombolombo bwabwe!

⁷⁴ Kaakati, mukiraba, nga Nikoodemo bwe yajja ekiro, n'agamba nti, “Omuyigiriza, tukimanyi nti Oli Muyigiriza eyava eri Katonda. Tukimanyi nti wava wa Katonda. Tewali muntu ayinza kukola bintu bino by'Okola okuggyako nga Katonda ali Naye. Tu...” Be b'ani abo abagamba nti “tumanyi” be yali ayogerako? Yali kkanisa, Abafalisaayo, abakulembeze b'ekiseera ekyo. “Tukimanyi. Tuli bamativu nti ye Ggwe Muntu oyo.” Naye lwaki tebaasobola kukikkiriza? Lwa, nkola yaabwe. Ekyo njagala kinnyikire ddala mu buziba, kubanga ekyo kye npenda okwogerako. Mukiraba? Enkola gye baali baamala edda okwegattako, gye baali batasobola kwetakkuluzako. Wadde nga baakiraba nti Oyo ye yali Masiya, naye enkola gye baali baakwatagana nayo yali tebaganya kukkiriza Kigambo ekyo.

Mu—mukitegeera? Kaakati njagala mbuuze, okuva mu kibiina ky'abantu bano be ndabako, bameka abategeera kye njogerako? Muyimuse emikono gyammwe. Kale.

⁷⁵ Kaakati, enkola! Ekigambo ekyo baakikkiriza, era baali bakimanyi nti kye Kyo. Nga nandyagadde okwogera ekintu kye kimu ekyo olwa leero! Tulaba ekirina okubeera wano mu biro bino, era Ekigambo ekyo tukiraba, naye enkola tetuganya kukikkiriza. Bannyikira buziba mu nkola! Mulabeeyo, omuntu si y'aliko obuzibu, wabula enkola.

Nga bwe nnayogedde ku Pulezidenti eyaakatemu. Omusajja nga ye si y'abaddeko obuzibu; nze nga bwe mmanyi, abadde musajja mulungi, talina kikyamu kyonna kye yali akoze nga bwe mmanyi. Naye obuzibu y'enkola. Abantu si be baliko obuzibu; wabula enkola y'eriko obuzibu.

⁷⁶ Abayudaaya si be baaliko obuzibu; wabula enkola yaabwe ye yaliko obuzibu. Enkola eyo ye yamusalira omusango, kubanga Ekigambo tekyakkiriziganya na nkola yaabwe. Mukitegeera? Kaakati, ebintu bye bimu weebiri bigenda mu maaso mu kaseera kano. Era baalondawo omulabe ono amanyiddwa buli omu, omutemu.

Naye kaakati ensonga eyingiddemu gavumenti. N'olwekyo gavumenti y'erina okuwa ensala eno, kubanga, okuggyawo obulamu, ensonga eyo eteekwa okujja mu maaso ga gavumenti. Ekyo baali tebakkirizibwa kukikola, kubanga baali wansi wa—wa bufuzi bwa Rooma, era baali tebasobola kuggyawo bulamu ekkkanisa yaabwe ne bwe yabanga egamba nti, “Tulina okukikola.” Kubanga, baali—baali tebasobola kukikola nga, Rooma, tesoose, kubawa lukusa kukikola. N'olwekyo, ensonga yalina okuleetebwa mu maaso ga gavumenti. Kaakati ensonga ne gavumenti egiyingiddemu.

Kaakati, ekyo bwe kiba si ky'ekifaananyi ky'ekyo ekiriwo leero, awo ekigenda mu maaso ssikiraba. Mukiraba, ky'ekyo kyennyini!

⁷⁷ Ekkkanisa egaanye Ekigambo, kaakati ensonga gavumenti egiyingiddemu. Ekiseera kyali kituuse nga eggwanga, lyonna, okutwalira awamu, lyalina okujja. Omusango gwaggulwawo. Okwolekanya obwanga kwali kusembedde. Eggwanga lyonna lyali limugaanye, era nga beereeseeko obusungu bwa Katonda. Era nga n'e... N'ekkanisa yali emugaanye, ekyo nga kigenda kuleeta obusungu ku kkanisa. Naye kaakati eggwanga limugaanye, ekyo ne kireeta obusungu ku bonna.

Era, olwa leero, ensi emugaanye, ekireeta omusango ku nsi yonna. Amawanga gonna gateekwa okusalirwa omusango.

⁷⁸ Era tukimanyi nti omusango ogwo gwabaawo mu kiseera ky'omuduumizi w'eggye ly'Abaruumi omukulu, Tito. Yazingiza Yerusaalemi, era ku nkomerero ya byonna... Baalya buli omu omwana wa munne; ne balya ebikuta by'emiti, n'omuddo okuva

ku ttaka. Era—era ku nkomerero ya byonna Tito n'ayingira n'amenya ebisenge n'ayokya ekibuga kyonna ne kiggwaawo, omusaayi ne gukulukuta mu—mu nguudo bwe gutyo, okuva munda eyo gye yabattira.

Era omusango ogwo gwalina okubaawo. Nga Katonda omwenkanya tannaleka bantu, be Yali yalonda, kutuukibwako kintu bwe kityo, walina—walina okubaawo ensonga ey'obwenkanya. Ye mwenkanya. Amateeka Ge—Ge gabanja obwenkanya Bwe. Ate etteeka eritalina kibonerezo teriba tteeka.

⁷⁹ Singa ḡḡamba, ssinga nkola etteeka wano mu kibuga ne ḡḡamba nti, “Ojja ku—ku—kutanzebwa ssinga osimbula nga ekitaala ekimyufu kyaka,” naye nga etteeka eryo teririiko kibonerezo, mujja kweyongera bweyongezi kuyitawo nga ebitala ebimyufu byaka. Kale wateekwa okubaawo ekibonerezo.

Era ekibonerezo ky'etteeka lya Katonda, okugaana enteekateeka Ye, kuba kufa. N'olwekyo waalina okubaawo okufa, kale kwalina okusasulibwa.

⁸⁰ Naffe tuyimiridde mu kulamulwa kwe kumu enkya ya leero, ensi yonna, eri mu kulamulwa. Ebibiina by'amadiini byonna bigaanye Ekigambo. Kino nkimanyi kiwulikika nga eky'obukambwe obungi ennyo. Naye njagala abaweereza abawuliriza, abali wano wamu n'abo, abaliwuliriza olutambi, kino bagezeeko okukitegeera, nti ngezaako okukifuula ekitegeerekeka obulungi. Naye wano nsimba ensonga yange, oba nginnyikiza, nga ḡḡamba nti, olwa leero tuyimiridde, mu kkooti ya Piraato omulala.

⁸¹ Oyinja okugamba nti, “Nze ssinga nnaliwo mu kiseera ekyo, nnandiwolerezza Yesu Kristo.” Naye, ate, kati okikolera ki? Ekyo ky'ekikulu. Mukiraba? “Ekkkanisa ne bwe yandimugaanye n'emusambajja, nze nnandiyimiridde ku ludda Lwe.” Akakisa okalina. Uh-huh. Mukiraba? Ba—baamugaana.

⁸² Kaakati Awozeseddwa, olwa leero, oba abadde awozesebwa, manyanga, era awozesebwa, olw'enkola y'ensi yonna etondebwawo, ey'ekyo ekiyitibwa, akakiiko akagatta amakanisa, oku—oku—okukolamu a—Akakiiko k'ekkanisa ak'Ensi yonna. Kaakati, era kiki kye bakoze? Bakubye akalulu nti basazeewo nti weewaawo bajja kwegatta wamu babeere n'akakiiko akagatta amakanisa.

Era mu Kakiiko kano akagatta Amakanisa, nti amakanisa gonna gateekwa okubeera mu kakiiko kano, oba, nga bwe gatakabeeramu, nga tokkirizibwa na kubuulira, nga tokkirizibwa na kusabira balwadde. Era ekkkanisa yo esobola okukozesebwa okukoleramu ekintu kyonna kye baagala okugikozesa. Bwe baagala okugikozesa nga sitoowa mwe batereka ebibokisi, oba eby'okulwanyisa, oba kyonna kye

baagala okukola, nga ggwe tokyagirinako buyinza. Ku bibiri olina kuba mmemba w'Akakiiko akagatta Amakanisa oba tolina w'ogwa.

Era eyo y'enkola eri mu kutondebwawo wano mu Amerika, etuukiririza ddala Ekyawandiikibwa, nga bwe kigamba. Etuukiriza ekyo Mukama kye yanŋamba mu 1933, mukiraba, era enkya ya leero tuli mu kiseera ekyo.

Era Yesu Kristo, Ekigambo, awozesebwa, olwa leero, nga bwe kyali bwe yakomererwa, era kati Ali ku ngalo zaffe. Ali ku ngalo z'ensi. Ekigambo kikakasiddwa mu bulambulukufu, okwetooloola ensi yonna, mukiraba, era Ayimiridde awozesebwa. Ebibiina by'amadiini byonna byamugaana. Era kati Awozesebwa nga . . . mu Kakiiko akagatta Amakanisa, era bazzeemu ne bamugaana ne balondamu omulala era nga bwe baakola ku mulundi guli.

⁸³ Mukiraba, obutonde mu byafaayo bweddingana, kubanga obutonde busigala bwe bumu. Emiti gikyakula, n'enva endiirwa zikyamera, n'ebimuli, n'ensi ekyakyuka nga bulijjo. Bwe butonde. Era obutonde bwa buli mulembe buddamu, ne buzaala, n'era ne buzaala e—ekifaananyi kya—kya—ky'obutonde obwaliwo nga bwo tebunnabaawo. Era, olwa leero, twesanga nga tuyimiridde mu kifo kye kimu ekyo.

Kaakati, Yesu ye yali “Kigambo,” Enjiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula 1 bw'egamba. Ekyo ffenna tukikkiriza. Ye yali Kigambo. Era kubanga Ye yali Kigambo . . . Mbasaba muntegeere. Ye yali Kigambo, era Yalina okuwakanya enkola eyo.

Era teba—tebaamugaana lwa byamagero Bye. Tebaakikola. Baagamba nti . . . Yagamba nti, “Ani ayinza okunvunaana?”

“Naye kati Yakola kibi ki?” bw'aty'o omukyala bwe yabuuza. “Akoze kibi ki okuggyako okuwonya abalwadde?”

⁸⁴ Ne bagamba nti, “Ebyo si bye tumuvunaana.” Mukiraba? “Tumuvunaana kubanga Ye, omuntu obuntu, Yeefuula Katonda.” Kyokka nga Ebyawandiikibwa byabwe byennyini byagamba nti Aliba Katonda.

Mu Isaaya, nnabbi ow'ekitalo eyawandiika Ebitabo enkaaga mu omukaaga ebya Isaaya, era atandika na . . . Ekitabo we kitandikira, kitandika nga ku lubereberye; ate mu makhati g'Ekitabo Yokaana Omubatiza n'ajja; ne kiwunzikira mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Era Bayibuli erimu Ebitabo nkaaga mu mukaaga, nga ne mu Isaaya bwe mulimu essuula nkaaga mu mukaaga. Kyewuunyisa okuba nti kyabaawo bwe kityo. Mu ssuula eno eya Isaaya 9:6, yagamba nti, “Omwana atuzaaliddwa ffe, Omwana ow'obulenzi atuweereddwa; era Erinnya Lye aliyitibwa, 'Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo, Wa kitalo.”

⁸⁵ Naye obulombolombo obwaziba amaaso, oba enkola ezaagunjibwa, tebaasobola kukiraba nti Oyo yali Katonda; nga yali nnabbi waabwe yennyini, oyo Ekigambo gwe kyajjira, y'eyagamba nti Aliba Katonda. Enkola ezaaziba amaaso! N'olwekyo baali bagaanye Ekigambo, ne baagala bayimbulemu omutemu mu kifo kyakyo, Balaba.

⁸⁶ Era, olwa leero, Ekigambo, kikakasiddwa, okubeera nga ddala ky'eky'ekiseera kino. Kifuuliddwa kya nnamaddala. Kyoleseddwa nti ge Mazima. "Era mu nnaku ez'oluvannyuma," nga Yesu bwe yagamba nti, "nga bwe kyali mu biro bya Sodoma," n'ebiro ebirala, "bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Katonda yennyini, Mwene, Oyo eyali Ekigambo, yalagula ekiseera eky'enkomerero ne biki ebyali bigenda okubaawo; nga bwe walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi; n'engeri, Malaki 4, nga Aliweereza ebintu bino era n'abikakasa.

⁸⁷ Era kituuse mu kifo eky'okusalawo, naye Ekigambo ekyo amakanisa gakigaanye. Era amakanisa kiki kye galonzeewo okukola? Gayimbuddemu mutemu wa Kigambo, oyo alondawo enkola ey'obuntu. Enkola bw'eba ekontana n'Ekigambo, ebeera mutemu eri Ekigambo. Naye balonzeewo kalombolombo ka kibiina kya ddiini, mu kifo ky'Ekigambo ekituufu ekirabisibwa era ne kikakasibwa okuba nti Ye Katonda ali wakati mu bantu; okuyita mu ssaayansi, okuyita mu bifaananyi, Ekitangaala, Malayika wa Mukama y'omu, Empagi y'Omuliwo.

Oyo y'Omuni eyali ku nsi mu—mu mubiri gwa Yesu Kristo, asse ku bantu Be mu nnaku ez'oluvannyuma, ssaayansi n'atuuka n'okukuba ekifaananyi kyayo. Ekkanisa erabye emirimu Gyayo. Kibuuliddwa mu buli ngeri yonna, okuyita mu ntambi n'ebirala, okwetooloola ensi yonna, era ne kibulirwa n'abantu ssekinnoomu.

Naye era, mu ebyo byonna, enkola zaabwe zaagala Kakiiko akagatta Amakanisa okuvumirira Amazima. Baagala mutemu anaakizikiza, oba anaakiyimiriza, oba anaakibuniza. Era, ajja kukikola, Ekintu bwe kityo bajja kukiimiriza. Era Akakiiko akagatta Amakanisa ke kanaakikola. Ako ke kabonero k'ensolo; omulabe wa Kristo, alwanyisa Ekigambo, nga ekyo ye Kristo. Naye si bisaa- . . .

⁸⁸ Balowooza nti bulina kuba bulombolombo. Balowooza nti obulombolombo bwabwe bwa Katonda. Mukiraba? Naye tebusobola kutuukana na Kigambo, era ne Katonda tabukakasa nti butuufu. Yesu yatuukana n'Ekigambo, naye si na kakiiko kaabwe; wabula na Kigambo. Era Ekigambo kyakakasa nti Yali Katonda.

Era ne leero Kikakasa nti Kyo ye Katonda, kubanga Kyolesa Obulamu bwe bumu, Kikola ekintu kye kimu mu makkati gaffe kye Kyakola mu kiseera kiri, era ekyalagulwa.

⁸⁹ N’olwekyo bakola ki? Bakkiriza ekintu eki... Baamala dda, okukkiriza, enkola yennyini enaakomerera Ekigambo ekyo. Era okukomerera eddembe ery’obutaba na kakwate na kibiina kya ddiini kusembedde. Ekyo bwe kiri.

⁹⁰ Kaakati, ekyo tekikontana na Byawandiikibwa. Ekyo kikkiriziganya n’Ebyawandiikibwa. “Ne bakolera ensolo ekifaananyi.” Bagatta wamu ebibiina by’amadiini mu nsi yonna mu nzikiriza emu ewakanya Obukatuliki, nga bakola akabonero k’ensolo, ekifaananyi ky’ensolo, okusenziira ku Kubikkulirwa 13:8. “Ne bakolera ensolo ekifaananyi.”

Ensolo ye “Rooma.” Ekyo ffenna tukimanyi. Naye bulijjo ebaddenga Rooma, ebbanga lyonna... Eyinza etya okuba—eyinza etya okuba Russia, nga Bayibuli egamba ye Rooma? Mukiraba, abantu bakitegeera mu bukyamu. Mukiraba? Eyinza etya okuba ekintu ekirala, nga ate yalagulwa nti erina kuva Rooma?

⁹¹ Ddayo mu Danyeri, ekyuma n’ebbumba mu bigere; ekyuma tekyakoma, okuva ku maviivi okutuukira ddala wansi awasemba. Era buli omu akimanyi bulungi nti Russia mu kiseera ekyo n’okumanyibwa yali temanyiddwa. Yali Rooma. Ogusota ogumyufu yali Rooma. Lubeerera ebaddenga Rooma. Era ekyuma ekyo tekyafuukamu kintu kirala kyonna, okuva mu kubeera Rooma okudda mu kintu ekirala; yasigala Rooma. Era ensolo ye Rooma!

⁹² Era Rooma yalina enkola y’eddiini nga omutwe gwayo ogw’okufa... manya yakubwa ekiwundu eky’okufa mu mutwe gwayo, naye yaddamu n’ezzibwa buggya, okuva mu kubeera Rooma enkaafiiri n’efuuka Rooma ekulemberwa paapa. Era kati bagenda kugikolera ekifaananyi, okuva mu nsolo eva mu Kubikkulirwa 13.

Mwali mukyetegerezza? Eggwanga lino omuwendo gwalyo guli kkumi na ssatu, era lirabikira... Ssigamba nti kino ki... Naye, kye—kyewuunyisa, okuba nti ekyo kisobola okweyolekera ne mu miwendo, mi... nga kikwataganira ddala n’Ebyawandiikibwa. Lisangibwa mu ssuula ey’e 13 ey’Okubikkulirwa, eggwanga lino.

⁹³ Ensolo ziri endala zonna zaava mu mazzi, nga by’ebibiina ne nnamungi w’abantu, Bayibuli bw’egamba; naye ensolo eno entono yava ku lukalu, awataali bantu. Wadde, yali mwana gwa ndiga, ekitegeeza eddembe ly’okusinza; naye yali eyogera nga gusota, era yeegatta wamu n’obuyinza n’ekola ebyo byonna ogusota bye gwakola nga tennabaawo. Ky’ekyo kyennyini. N’olwekyo kiikyo. Ki—kiteekwa buteekwa kuba bwe kityo. Tewali ngeri ndala yonna ya kukyebalamamu.

⁹⁴ Era tuutuno, olwa leero, tutondawo enkola. Enkola ey’obuntu! Tetuyinza kulindirira okutuusa nga... Twagezaako buli muntu okumufuula o—Omuluzalaani; naye ne tulemwa

okukikola. Twagezaako bonna okubafuula Ababaputisiti; naye ne tulemwa okukikola. Bonna bafuuke Abamesodisiti, oba bonna babeere Bapentekoote; naye kyabalema okukola. N'olwekyo, kino okusobola okukikola, obudde bumpi nnyo, batonzeewo akakiiko, omutwe, ekifaananyi eri ensolo. Ky'ekyo kyennyini kye bakoze. Era ekyo kitegeeze ki? Okukomererwa kw'Ekgambo kuli, nate, kusembedde. Kiri mu kuwozesebwa era mangu ddala kijja kusalirwa.

⁹⁵ Mwetegereze, Ekgambo ekirabisiddwa, okwawukana n'ekibiina ky'eddiini, kirabisibwa, Ekgambo kyawukana ku kibiina ky'eddiini.

Kino kiki, enkola eno etegeze ki? Esibuka mu Rooma. Bayibuli egamba nti bwe kityo bwe kiriba? Yee, ssebo! Okubikkulirwa 17, baalaba Rooma nga esituka yo yennyini mu nkola ey'ekinnaddiini, ey'omukazi. Omukazi, ekanisa bulijjo ekiikirirwa mukazi.

Kubanga, Omugole wa Kristo mukazi. Kaawa ye yagwa; y'Alina okununulibwa. Era Ekanisa (kye kiki?) ye mukazi anunuddwa.

⁹⁶ Era omukazi ono yali atudde ku nsolo eyalina emitwe musanvu. Era tumanyi ebikwata ku busozi omusanvu, n'ebirala, nga Bayibuli bw'egamba nti bwe kiriba. Tewali nsobi. Tewali kaagaanya ka nsobi. Mukiraba?

Era kaakati mulabeeyo, tukiraba nti, yali "NNYINA W'ABENZI." Mukiraba? Era maama ne muwala we baddamu ne beegatta wamu mu mukwano. Wadde nga, lumu, omuwala yadduka n'ava ku nnyina, agezeeko okutambulira mu bulamu obulongoofu, kubanga nnyina yali agwenyuse nga aweddemu ensa era nga mugwagwa okutuusa nti omuwala yava awaka. Uh-huh. Naye kati, nga bwe kiri nti n'omuwala agenze akula, nga, naye, aliko ebintu ebibi bingi nnyo by'akola; alaba nnyina, alowooza mbu nnyina yali mutuufu, kale yeetonderawo enkola eyiye ku bubwe. Mukiraba? Ddala bwe kiri.

⁹⁷ Okwegatta awamu kw'ebibiina by'amadiini, eby'Enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, kutuukiririza ddala ekyo Ebyawandiikibwa kye byogera ku Kubikkulirwa 17. "Bonna, abataawandiikibwa mannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, babe." Ekimu oba ekirala, ensolo oba ekifaananyi ky'ensolo. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba.

Era kino Yesu yakyogerako, si nga nkola ya bwannaakalyak'ani. Naye mu Matayo essuula eya 24, okutandikira ku lunyiriri olwa 21 okutuuka ku lwa 26, Yalagula n'agamba nti omwoyo mu nkola eno guliba gufaananira ddala ekintu ekyo nnamaddala okutuusa nti gwandirimbye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka; Abalonde, abo ba nnannyini Mannya agaatekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa. Era, eky'amazima,

gwabasiba ne gubatugga, n'Atuuka n'okugamba nti omulimu singa Teyagusalako, ku lwabwe, tewandibaddewo muntu yenna alokolebwa ku nsi. Ate nga tusigazzaayo. . .

⁹⁸ Guno—guno tuli mu mwaka gwa '64, si bwe kiri? Ate nga ndowooza bagamba mbu ku egyo emyaka nga kkumi na musanvu tegiriiko, kale, okusenziira ku kalenda. Era kati tulina '64, 1964, nga egyo gibeera (gibeera emeka?) emyaka asatu mu mukaaga egisigaddeyo, okutuuka mu kyasa eky'amakumi abiri mu ogumu.

Era buli luvannyuma lwa myaka enkumi bbiri, ensi etuuse ku nkomerero y'enkola yaayo ey'ensi, enkola y'eddiini, ku nkomerero y'enkola zonna, era Katonda abaddenga alina okuyingirawo. Yakikola mu biro bya Nuuwa; emyaka enkumi bbiri egyasooka. Emyaka enkumi bbiri egyaddako, enkola yakomawo mu mbeera y'eky'okuyigako kyaffe, kye twogerako enkya ya leero, era n'addamu n'Atuma Ekigambo Kye. Yatuma Ekigambo Kye okuyita mu nnabbi, mu biro bya Nuuwa, nnabbi Nuuwa; naye Ekigambo ekyo abantu ne bakigaana, ne balondawo enkola yaabwe. N'addamu n'Atuma Ekigambo Kye mu kiseera kya Yesu, Ekigambo ekirabisiddwa mu bujuvu; era abantu ne bakigaana. Era kati tuli mu 1964, nga wabulayo emyaka asatu mu mukaaga okuwera emyaka emirala enkumi bbiri; era Ekigambo kireeteddwa, naye enkola zikigaanye.

⁹⁹ Tusembedde kumpi kyenkana wa? Obudde bwandiba nga buyise nnyo okusinga ne bwe tulowooza, mukiraba, nga kyandibaawo akaseera konna. Ob'olyawo kyamala dda okubaawo, okusenziira ku kye tumanyi, nga bwe nnayogera ku Ssande gye nnasembayo okubeera wano. Erinnya erisembayo lyandiba nga lyateekebwa mu Kitabo ekyo; bwe liteekebwamu, waba tewakyaliiwo balala bayingira. Ensi ejja kugenda mu maaso nga bw'ebadde, naye nga Ekkanisa essiddwako akabonero. Kaakati mwekkaanye nga bwe tugenda mu maaso wano. Amannya gaabwe, kati, abo amannya gaabwe agaawandiikibwamu talibalimba.

¹⁰⁰ Ekyo kitegeeza ki? Erina kuba nkola. Mukiraba? Kaakati ggwe kirowoozeeko, okubeera mmemba w'ekibiina ky'eddiini ekyo ekiri mu nkola eyo, olwo obeera okola ki? Kiki ky'obeera okoze? Obeera osibiddwaako akabonero, okiraba, okuva ku Kigambo, nga osibiddwaako eri enkola entemu eggyawo, "Balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo." Ako ke kabonero k'ensolo. Mazima ddala. Mukiraba?

¹⁰¹ Erudda wali eri y'ensolo, kye yakola; ate wano ky'ekifaananyi, ekintu kye kimu. Era ensolo yali ya maanyi nnyo, okutuusa okuba nti yakola ekkana eyo ennene ebuna wonna e Nikyeya, mukiraba, ne baleetera e—ensi yonna okujja gy'eri, eri enkola eyo emu. Era baalowooza nti ya maanyi nnyo ne bagamba nti, "Tewali n'omu yali asobola

kubalwanyisa,” Bayibuli bw’egamba, okutuusa lwe baakolera ensolo ekifaananyi, ne bayingiza enzikiriza zonna ezaawakanya Obukatuliki mu Kakiiko akagatta Amakanisa; akaagunjawo enkola, nga totwalibwa na kuba Mukristaayo oba ekintu ekirala kyonna okuggyako nga oli mmemba mu nkola eyo.

¹⁰² Eyo y’enjawulo eriwo wakati w’akabonero k’ensolo n’okuteekebwako Akabonero ka Katonda. Katonda assaako akabonero nga akozesa Kigambo Kye. Mukkiriza nti Ekigambo ke kabonero?

Kaakati oyinza okumbuuza nti, “Ekyo kituufu, Ow’oluganda Branham?” Yee, ssebo.

¹⁰³ Kati, nkimanyi mmwe abakuuma Ssabbiiti, oba Abaseveniside Abaadiventi, mugamba mbu, “Kukuuma lunaku lwa Ssabbiiti.” Naye si bwe kiri. Ssaagala bwagazi kubeesittaza, naye ekyo tekiri mu Byawandiikibwa n’akatono.

Abafeso 4:30, wagamba nti, “Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw’okununulibwa kwammwe.” Mukiraba?

¹⁰⁴ Kaakati, Omwoyo Omutukuvu ye Kigambo. Katonda tali basatu. Ye Katonda y’omu mu mirembe esatu, wofiisi ssatu. Katonda, Kitaffe, waggulu w’amateeka; Katonda, Omwana, mu kisa; ne Katonda, Omwoyo Omutukuvu, nga bwe mumuyita, Katonda y’omu mu mulembe ogw’Omwoyo Omutukuvu. Katonda, Kitaffe, yali Kigambo; Katonda, Omwana, yali Kigambo; ne Katonda, Omwoyo Omutukuvu, ye Kigambo. Mukiraba, ziri woofiisi ssatu kye kyokka. Era oku-...Era Omwoyo Omutukuvu y’akusibako akabonero, n’olwekyo Ekigambo kye kikusibako akabonero.

Kati oyinza okunŋamba nti, “Naye, nze nnateekebwako akabonero ne...”

¹⁰⁵ Kaakati, ekyo, kyeyoleka. Mukiraba? Kikakasa. Tosobola kubeera kitundu ku nkola, ate n’osibibwako akabonero enkola awamu n’Ekigambo, mukiraba, kubanga buli kimu, kikontana ne kinnaakyo. Tosobola kukikola. Kale.

Kaakati tukiraba, nti, engeri yingini ennene gy’ekolamu, enkola ya yingini ennene, ey’oku...

Yingini, erina oku...yingini y’emmotoka, ebeeramu zi pisitoni, ne valuvu, ne kabyuleeta, n’ebirala. Eyo ye—eyo y’engeri yingini gy’ekolamu.

¹⁰⁶ Njagala mbeeko ne kye njogera eri Ekkanisa wano wennyini, ekyo kye kinzijukizza, mukiraba, ekyo kye, nzikiriza nti tusemberedde ddala enkomerero, kaakati nŋenda—nŋenda kubaako ne kye njogera, mukiraba, mukiraba, e—enkola entuufu, waliwo abantu bangi nnyo abagezaako okunnyonyola enkola entuufu naye nga n’okugimanya temugimanyi. Mukiraba? Ekintu kyokka kye...Naye, mukimanyi nti, mulina

okugimanya. Enkola entuufu emanyiddwa. Kaakati watya ssinga Musa...

Watya ssinga omuntu yagamba nti, “Nuuwa, njagala onnyonnyole e—enkola y’ekyombo engeri gye kinaaseeyeya. Engeri e...” Yali tasobola kuginnyonnyola.

Enkola tewetaaga kugimanya; wabula Amaanyi gaakyo. Mukiraba, Amaanyi ge weetaaga okumanya.

“Osobola otya?” Kati, watya singa omuntu yalumba Isiraeri, n’agamba nti, “Musa, njagala kutegeera. Osobola otya okutonda ebisolo n’ekigambo kyo?”

¹⁰⁷ Yandigambye—yandigambye nti, “Si kigambo kyange. Wabula Kigambo kya Katonda. Ye yanjamba nkikole.” Mukiraba?

¹⁰⁸ “Nja—nja—nja... Mbuulira, nnyinyonnyola engeri gye wakolamu ensowera ne zijja ku nsi, nga tewaaliwo nsowera n’emu, ensowera ezenkana awo obungi ku nsi.” Mukiraba? Musa kennyini, naye yali tasobola kukinnyonnyola. Teweetaaga kukinnyonnyola. “Waleetera otya empewo ey’ebuvanjuba okujja n’ekunta n’eyabuluzaamu Ennyanja Emmyufu wakati, ffenna ne tukugoberera nga tutambulira ku ttaka ekkalu. Nnyonnyola engeri ekyo gye kyabaawo. Nkola ki—ki—ki eyo gye—gye—gye wakoza, Musa? Kiki? Mbuulira okunoonyereza kwa ssaayansi okwa atomu gye wakutulakutula.” Mukiraba? Mukiraba?

¹⁰⁹ Yali takumanyi. Ye, eky’amazima, yali tamanyi nkola gye kyakolebwamu; naye yali amanyi amaanyi agaakikola. Era—era bwe kityo bwe kiri.

Siyinza kukunnyonnyola bwe mbeerawo nga ndi mulamu. Siyinza kukunnyonnyola bw’obeerawo nga oli mulamu, naye wooli oli mulamu. Siyinza kukunnyonnyola ngeri mutima gwo gye gukolamu, na ngeri mmere yo gy’eyingira munda n’enkola omusaayi. Era kyetaagisa a—amaanyi agali mu mmere eyo, bw’e—bw’eyingira munda mu mutendera ogwo ogw’okusatu ogw’ebyenda ge gagifuula obulamu obw’omusaayi, ne gagikukomezaawo. Ekyo si—siyinza kukinnyonnyola ngeri gye kikolebwamu, naye gakikola. Mukiraba, gakikola. Si—siyinza kukinnyonnyola. Ssimanyi nkola gye kikolebwamu. Naye maanyi.

¹¹⁰ Kati, Musa ayinza okuba nga yali amanyi enkola gye kyakolebwamu, naye kyali tekikwata ku muntu mulala yenna kugitegeera okuggyako Musa. Baakimanya nti kyakola, era ekyo kimala. Lwaki abantu olwa leero tebasobola kumatizibwa mu ngeri eyo? Mukiraba? Buli omu yali tayinza kuba Musa. Waaliwo Musa omu yekka. Bo baamanya kimu nti kya Katonda. Baakiraba nti kya Katonda.

Ne bagoberera era baatambula bulungi okutuusa lwe baatandika okukibuusabuusa, ne baagala babeeko omuntu

omulala gwe bayimusa akole ekintu kye kimu, Koola, ne Dasani. Era bwe baaleta omuntu abeeko okugeegeenya okw'omubiri kw'akireetamu, ku nkomerero ya byonna Katonda n'agamba nti, "Weeyawule. Teweegatta ku nkola eyo ey'obuntu. Okiraba, gye yawuleko! Njenda kugimira." N'ayasamya ettaka ne ligimira. Mukiraba?

¹¹¹ Tomanyi, teweetaaga kumanya nkola gye kikolebwamu. Manya bumanya maanyi agakikola, ekyo ekikireetera okuba n'entunnunsi, ekyo ekikifuula eky'amazima, olabe oba kikuba ssabbaawa Bayibuli gye yasubiza gye kirina okukuba mu nnaku zino. Mukiraba, kirina kuba Kigambo nate, tuddayo ku Kigambo.

¹¹² Kaakati, ekyuma ekinene kaakano kitegekebwa, era kinaatera okusimbula. Enkola kwe kikolera weeri. We twogerera balina enkola y'ekibiina ky'eddiini egenda okuleeta, ku nsi, "emirembe," nga bwe bagamba. Balina...nga Ekibiina ky'amawanga Amagatte.

Amawanga geegasse wamu. Kiseera kya kwegatta. Nnaakakibuulirako, gye buvuddeko. E...Geegatta wamu, kuleeta ki? Kuleeta mirembe mu nsi yonna. Ekyo baakikola mu Mukago gw'Amawanga. Bulijjo babaddenga bakikola, naye tekikola. Tekisobola kukola. Ekibiina ky'Amawanga Amagatte tekirina kye kiri okuggyako okubeera bbaluuni ennene eyuuzibwa buli kibuyaga wa njigiriza ya buli ggwanga. Ekintu kyonna kisobola okukibalula ne kyabika. Tekisobola kukola.

Ne Akakiiko k'Amakanisa tekayinza kukola. Kibiina eky'obuntu ekyagunjibwawo abantu, ekikontana n'enkola... manya wamu n'enkola yaabwe ekontana n'Ekigambo kya Katonda, era tekisobola kukola. "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga batabaganye?" Tosobola kukikola. Kati ekanisa y'Abakristaayo enaayinza etya, oku...

¹¹³ A—Abapentekote, aba Assemblies of God, ne—n'amakanisa amalala amanene aga—agakikiriza mu Pentekote, n'ag'abantu abakkiriza Enjiri Enzijuuvu, bayinza batya okulekayo enjigiriza zaabwe ez'enjiri, ennono zennyini kwe babadde bayimiridde? Era ennono kwe baasimbibwa, okufuluma ebibiina ebyo n'okubivumirira; balekeyo enjigiriza yaabwe ey'enjiri, okutambula n'abasajja abatakkiriziganya na nnono za Bayibuli, n'Okuwonyezebwa okuva eri Katonda, n'Amaanyi ga Katonda, ne Yesu Kristo. "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga batabaganye?"

¹¹⁴ Kiikyo, ekyo ky'ekiseera mwe tuli, era ekyo ky'ekyuma ekinene kitegekebwa. Kati enkola yo bagirina. Ekintu kyokka kye beetaaga okuteekamu ye Ssetaani, okukiyingiramu n'amaanyi, okuwaliriza abantu okuteekebwako obulambe bw'akabonero k'ensolo. Bwe kanaawalirizibwa okuteekebwawo

kakole, awo amaanyi gajja kuba gakola. Enkola yo weeri. Baamala dda okugifuna.

¹¹⁵ Leka mbeeko n'ekirala, kye njogera; ekiseera kino eky'okwegatta, tulaba amakanisa nga geegatta, amawanga nga geegatta. Era, kiseera kya kwegatta kwa Katonda wamu n'Omugole We. Era kino nkyogera n'obuwombeefu n'okusaaamu ekitiibwa. Nzikiriza nti Omugole wa Kristo ayitiddwa. Nzikiriza nti Asibiddwako akabonero munda mu Bwakabaka bwa Katonda. Nzikiriza enkola entuufu weeri. Balinze bulinzi Maanyi aganaasitula Omugole gamuggye ku nsi, gamutwale mu Kitiibwa, mu Kukwakkulibwa. Nkikkiriza n'omutima gwange gwonna. Yee, sebo. Tetumanyi ngeri gy'Anaakikolamu, naye Ajja kukikola.

Ye ge Maanyi. Ffe tufuuka bufuusi bammemba ba kyuma, eky'Omubiri Gwe, ne tubumbibwa mu kifaananyi Kye, nga tumulaba nga Yeegatta wamu naffe, mu mirimu Gye, n'ebirabo Bye eby'okwagala, nga bw'Abituwa nga Ekijjulo ky'Embaga tennatuuka. Era ekyo tukirindiridde, okubaawo.

Kati ekkkanisa yaabwe ennene ejja kwegatta.

¹¹⁶ Amaanyi g'Ekkkanisa eno kujja kubeera kuddamu kujjuzibwa Mwoyo Mutukuvu mwe tukoledde mu kigera ekitono nga Ejjinja eritikkira bwe likka wansi okwegatta n'Omubiri. Naye Omutwe ogwo n'Omubiri bwe bineegatta awamu, amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu amajjuvu gajja kusitula Omugole oyo waggulu mu ngeri eyo yennyini; n'abafu, abaafiira mu Kristo, abamaze ebikumi n'ebikumi by'emyaka, balizuukira mu bulungi bw'obutukuvu Bwe, ne batwalibwa mu bbanga. Amaanyi ye Mwoyo Omutukuvu.

¹¹⁷ Era kati amaanyi ag'omugendo guno ogw'ekitalo gwe bazimbye, ekyuma kino ekinene lumu gajja kukola mu kakiiko ak'awamu ak'Akakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, era, ako ke kanaateeka okusibwako nnatti mu nkola. Mujju- . . . naye mujjukire nti. . .

Oyinza okugamba nti, "Ekyo we kiribeererawo. . ." Mu kiseera ekyo obudde buliba bwakuyitako dda. W'oliba oyogerera bw'otyo, oliba wakayingiramu dda. Nga oba oyagala okukabeeramu, oba toyagala, okalimu. Okiraba? Mulabeeyo, oliba wafuna dda omwoyo ogwo nga gwakwambala dda.

¹¹⁸ Mu kiseera nga e—e—empewo z'Omwoyo zikunta okuva ebuwanjuba, ebukiikakkono, ebugwanjuba, ne mu bukiikaddyo, nga zirabula abantu obutakayingira, n'okulaga abantu!

Eyo y'ensonga lwaki mbadde nvumirira nnyo enkola eyo. Nnalaba nga waaliyo ekiriyo, ekizikiza. Nga bwe nnalaba abakazi bali engeri gye baali beesiizeemu ebintu ebyo mu maaso gaabwe, be nnabagamba ku Ssande ewedde, nnakimanya nti waaliwo ekyali kijja.

¹¹⁹ Lwaki nalinga nvumirira ebintu ebyo? Nnali ssimanyi lwaki; naye kati nkimanyi. Lwaki bulijjo nalinga nvumirira amadiini? Lwakuba (kaakano nkiraba) ke kabonero k'ensolo. Mukiraba? Ekyo nnali ssikyogerangako okutuusa wiiki ntono ezaakayita. Mukiraba?

Kaakati, oluvannyuma lw'eby'obufuzi by'ekkanisa, olwo kiki ekiddirira? Ekigambo nga kimaze okukakasibwa mu butuufu bwakyo? Kaakati, mulabeeyo, kati ekiseera kituuse nga walina okubaawo gwe basingisa omusango guno. Kaakati kye baali bagenda okuzzaako . . .

¹²⁰ Abayudaaya kiki kye bazzaako oluvannyuma lw'ekkanisa okugaana Ekigambo? Ekkanisa yagaana Ekigambo. Baagaana okuba n'akakwate konna nakyoo. "Gwali mwoyo mubi." Kyamanya ebirowoozo bye baalina mu mitima gyabwe. "Gwali mwoyo mubi." Naye ate, nga Omwoyo ogwo kyali Kigambo. Emirimu gye Yakola, gyamuweera obujulizi, ne gyoleka Ekyo kye Yali. Baali tebaagala kuba na kakwate na Kyo.

Era, ekiddako, kijja eri gavumenti. Ate eno gavumenti ya kkanisa, kubanga eggwanga lyonna lyenyigiddemu. Waaliwo eggwanga ekkaafiiri eryali lifuga eggwanga linnaddiini. Kaakati, kiri nti, buli kimu kyonna ddiini njereere, n'olwekyo kirina kujja eri ddiini ya nsi yonna.

Ha, bannange, ekyo n'omuzibe w'amaaso asobola okukiraba! Era kino omuzibe w'amaaso bw'akiraba agamba ki? Bw'akiraba, amaaso ge gajja kuzibuka.

¹²¹ Mwetegereze awo akakiiko kano ak'ensi yonna bwe kakunjaana awamu babuza nti, "Ono Yesu ayitibwa Kristo tunaamukola tutya?" Weewaawo tebaagala kuba na kakwate konna na Kyo. N'olwekyo, kati awo waliwo ekintu kimu kyokka eky'okukola, ekyo kyennyini kye baakola mu kiseera kiri, bajja kukikomerera, mazima ddala, bakisirise. "Tekikyayinza kubaawo. Tekijja kukkirizibwa kubaawo." Amaanyi g'eddiini y'amawanga tegajja kubaganya kuddamu kukikola. Obuweereza nga obwo obuli wano, n'ebintu bwe bityo, bijja kuggalibwawo ddala. Tosobola kukola nga tofunye lukusa kuva ku kitebe ekikulu, ekikulira ekkanisa, mukiraba, ekifaananyi eri ensolo. O! Awo ddala, we tuli. Tu—tu—tutuuse.

Era ddala akakasiddwa; ekiddako kwe kumukomerera.

¹²² Kye kimu ne kaakati, nga bawaliriza bonna abatabeegattako, bajja kuggalwawo baleme kukkirizibwa kubuulira, mukiraba. Ekyo kiddamu, buto, ne kikomerera, Ekigambo ekikakasiddwa eky'ekisuubizo. Kikiyimiriza nti, "Tokyakkirizibwa kuddamu kukola. Tewakyali nkujaana za kuwonyezebwa. Tewakyali kusabira balwadde. Nedda, ssebo! Tosobola kukikola. Nedda, tewali n'ekimu ku bino ebirala. Nedda ssebo! Olina okuyita mu Kakiiko akagatta Amakanisa ekitali ekyo tokkirizibwa n'akatono kubikola."

¹²³ Kati musobola okulaba ensonga lwaki nvumirira ebibiina by'amadiini, kubanga ke kabonero k'ensolo. Rooma y'ekulira akakiiko ako, y'ekulembere. Ekyo ddala bwe kiri. Era akakiiko ako kawaliriza bonna okufuna akabonero ako nga bayita mu kwegatta ku bawala baayo, ekyo ky'ekifaananyi. Ne nnyina waakyo yakola ekintu kye kimu. Rooma wa gye yasookera okukola ekibiina? Ddiini ki eyasooka okugunjibwawo mu nsi yonna? Ekereziya Katolika ey'e Rooma. Bwe wabaawo omuntu yenna agamba nti si bwe kiri, ntegeeza. Tekiriwo wano. Ekibiina ekigunje ekyasooka, ekkana eyasookera ddala okugunjibwamu ekibiina ky'eddiini, yali mu kibuga Nikyeya, e Rooma. Yee, ssebo. Era ky'ekyo kyennyini kye baakola.

¹²⁴ Kati abagoberezi ba Luther baakola ki nga amaze okufa? Baakola ekintu kye kimu kye baakola e Nikyeya, mu Rooma. Baakola ki nga Wesley amaze okufa? Baakola ki oluvannyuma lw'emigendo gyonna egy'amaanyi egyasituka? Baakola ekintu kye kimu, baagifuula bawala b'omukazi omwenzi, mu ngeri y'emu yennyini. Nga, mu ngeri y'emu, tukiraba wano. . .

¹²⁵ Nnina Ekyawandiikibwa kye nnabadde mpandiise wano. Ob'olyawo ekyo leka nkireke. Naye, kati mulabeeyo, baalina. . .

N'ekkanisa okwekolamu ekibiina ekigunje erina enkola y'emu leero. Ekintu kyokka kye beetaga ge maanyi ag'okuleetera enkola eyo okukola, ekintu ekinaagiteekesa mu nkola. Era wajja kubaawo okwolekanya obwanga, amangu ddala.

¹²⁶ Ekereziya Katolika n'amakanisa g'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki bajja kufuuka ba mikwano. Ekyo nzize—nzize nkibagamba kasookedde, okumala emyaka asatu n'omusobyo. Bajja kwegatta wamu. Era mulaba kyennyini kye bakola mu kaseera kano. A—Ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki tebalifuuka Bakatuliki, naye bajja kubeera n'oluganda olubagatta, akabonero k'ensolo, okufaanana nga ensolo.

¹²⁷ Mu ngeri y'emu nga maama, Kaawa, gye yayoonamu ensi yonna n'egwa mu kufa okw'omubiri. Maama, Kaawa! Muwulirize. Maama Kaawa yayoonona oluse lw'abantu lwonna, nga ayita mu kufa okw'omubiri, (atya?) olw'okugaana Ekigambo n'akkirizaamu ekintu kyenkana ekifaanana nga Kyo. Ye yavaako okufa kwonna okw'omubiri kubanga yava ku Kigambo eky'amazima, n'akkiriza Ekigambo eky'amazima kyonna wabula n'alekayo akatundu katono bwe kati. Obutakkiriziganya obutono bwe buti n'Ekigambo kya Katonda ekijjuvu bwe bwavaako buli kulumwa mutima, buli kufa na buli kimu ekyali kibadde ku nsi. Kaawa ye kazaalabulwa, ye nnyina w'okufa. Kaakati mulaba we twolekedde? Nnyina w'okufa, mulabeeyo, yagaana bugaanyi kukkiriza Kigambo.

Yagamba nti, "Katonda yagamba. . ."

Kko Ssetaani nti, "Ekyo kituufu."

"Katonda yagamba. . ."

“Ekyo kituufu.”

“Katonda yagamba . . .”

“Ekyo kituufu.”

“Katonda yagamba . . .”

¹²⁸ “Weewaawo, ekyo, ddala bwe kiri. Mu—mu ngeri emu, kituufu, naye, olaba, ekyo—ekyo—ekyo si kye Kigambo kyonna. Okiraba, amaaso go gajja—gajja kuzibuka, ojja kubeera . . .”

Naye Katonda yayogera, era ekyo kimala, Ekigambo! Mukiraba, kyatandika na kunyoolamukko katono mu Kigambo, era, ekintu kye kimu, kikomekkereza mu ngeri y’emu.

¹²⁹ Mulabeeyo, omwana ow’obuwala kibala ekiva mu maama ne taata, okuyita mu kwegatta. Kaakati wano waliwo ekiwuniikiriza. Naye okufa, okw’omubiri, okufa okw’omubiri kwe kwegatta awamu, kwa maama Kaawa ne Ssetaani, olw’obutakkiriza Kigambo kya Katonda. Beegatta wamu ne baleeta e—ekibala eky’okufa. Omukazi, e . . . Okufa kibala ekyava mu Ssetaani ne Kaawa, okwegatta awamu.

¹³⁰ Kaawa yalina Ekigambo. Ssetaani alwanyisa Kigambo. Era, mulabeeyo, kyenkana ebitundu kyenda mu mwenda n’obutundutundu kyenda mu mwenda ku kikumi eby’Ekigambo, Ssetaani yakkiriza nti kyali kituufu. “Giriba gifaanagana nnyo,” Bayibuli bw’egamba, “mu nnaku ez’oluvannyuma, kabekasinge gwandikyamizza n’Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka.” Mulaba bwe kijja, ne bwe kibaddenga, n’engeri gye kikomekkereza? Ngeri y’emu, kugattika butakkiriza mu Kigambo kya Katonda kyonna ekijjuvu. Mukitegedde? Ekyo kye kyaleeta okufa, kugattika butakkiriza na Kigambo. Obutakkiriza, butono, nnyo bwe buti; butono, nnyo, ddala, katundutundu kamu ku kikumi. Naye Ekigambo kiteekwa kuba kikumi ku kikumi! Ky’ekyo kyokka.

¹³¹ Mulabeeyo, muwala wa Katonda, Ekkanisa, Omugole, naye kibala, ekiva mu kwegatta awamu, okwa Katonda n’Ekigambo Kye. Omwoyo Omutukuvu nga yeegatta mu mubiri ogw’ennyama, Yazaala Omwana wa Katonda, ekibala eky’obutuukirivu bwa Katonda. Era mu nnaku ez’oluvannyuma, nga bwe tugambibwa nti, “nga bwe kyali mu biro bya Sodoma,” Omugole ajja kuba yeegasse wamu n’Ekigambo kya Katonda ekirabisiddwa mu mubiri, Omwoyo Omutukuvu abasseeko akabonero abasibire mu Katonda, n’obutakkiriza abusseeko akabonero, abusibire wabweru.

¹³² Nga bwe nnagamba nti, singa obaddemu obulamu bwa Beethoven, wandibadde nga Beethoven; singa obaddemu obulamu bwa Hitler, wandibadde nga Hitler. Bwe butyo n’Obulamu bwa Kristo bwe bunaabeera mu ggwe, ojja kubeera nga Kristo, era ojja kukola emirimu gya Kristo. Era kijja kubaawo. Kristo singa abadde mulamu leero, Yandikoledde

ddala ekyo kyennyini Ekigambo kye kyagamba nti ky'Alikola leero. Era Ekigambo kigamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Lwaki ensi eno enzibe y'amaaso ey'eddiini tebasobola kulaba kiseera mwe bali? Mukiraba?

¹³³ Kaawa ye yavaako okufa kwonna okw'omubiri, nga agezaako okubaako enjigiriza ya Ssetaani ey'obulimba gy'awagika mu Kigambo. Era ekyo ky'ekintu kye kimu ekyatuuka ku kkanisa, e Nikyeya, mu Rooma, bwe yatwalamu ebiyiye mu kifo ky'Ekigambo. Ky'ekintu kye kimu ne mu Bamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani, Omusana bwe guvaayo mu buli mulembe naye ate ne bagugaana.

Eyo y'ensonga lwaki Abaluzalaani baafa Wesley bwe yagolokoka. Gwali mu mulembe mulala. Ekigambo kyajja, era baalina okukikiriza oba si ekyo bafe. Eyo y'ensonga lwaki Abapentekote kaakano bafa, kubanga omulembe omulala gutuuse. Ekigambo kirabisiddwa, kiseera kya mpungu, kiseera kya Kigambo kukomawo, "okuzzaayo nate Okukkiriza kwa bakitaabwe, eri abaana." Naye bonna beegasse wamu okukamala, Ekigambo bakigaana, naye tebalina kye bali okuggyako okufa okw'omwoyo. Lubeerera . . .

¹³⁴ Omubiri gwa Katonda, nga gwegasse wamu nga Omugole We, nga bali Omu; Ye ne Kristo, wamu, ye Mwoyo nga akolera mu mubiri gw'Ekkansa nga bwe Yakolera mu mubiri gwa Yesu Kristo, kubanga Ali kitundu ku Mubiri Gwe. Tebali babiri; wabula Omu! Bali Omu. Omwami n'omukyala baba tebakanyi babiri, wabula babeera omu. Ne Kristo n'Omubiri Gwe bali Omu. Era Omwoyo y'omu eyali mu Kristo ali mu Mugole We, mu Mubiri Gwe, ekyo ky'ekibagatta awamu n'Ekigambo kyonna. Ne Katonda nga ali munda omwo, Mwene, nga akyolesa.

¹³⁵ Kati omulabe wa Kristo, ajja kugamba nti, "Weewaawo, Kristo mmukkiririzaamu, Enjiri njikkiririzaamu, Ebintu bino mbikkiririzaamu, naye, omanyi . . ." Kiikyo. "Naye, omanyi, ennaku z'ebyamagero zaayita. Ebyo tebikyaliwo, olaba." Wuuyo. "Ha, ssikkiriza nti kikwetaagisa okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo."

¹³⁶ Naye Bayibuli egamba nti kikwetaagisa. Kaakati ekyo njagala wabeewo eyasomerera eby'eddiini akiwakanya. Mukiraba? Mukiraba? Kirina okukolebwa. Oyinza okugamba nti, "Naye, okubatizibwa tekulina njawulo gye kuleetawo." Naye, ate, lwaki kwalandiikibwa? Lwaki kwalina enjawulo eri Pawulo? Lwaki kwalina enjawulo eri abalala bonna? Osobola okubatizibwa nga . . .

Bayibuli egamba nti, "Olina erinnya ery'okuba omulamu, naye oli mufu," kubanga tewali linnya ddala lyaweebwa wansi w'Eggulu.

Lwaki obuulira mu Linnya eryo, n'osaba mu Linnya eryo, n'ebirala byonna by'okola, naye ate, bw'otuuka ku kidiba, n'oligaana? Uh-huh. Mukiraba?

Luli waliwo omusajja gwe nnagamba, nti, "Watya ssinga omuntu..."

Yannamba nti, "Tekikola njawulo yonna."

¹³⁷ Ne mmubuuza nti, "Ssinga omuntu ajja gy'oli, n'akugamba nti yabatizibwa mu linnya lya 'kimuli kya Roza eky'a Saloni, Eddanga ery'omu Kiwonvu, n'Emmunyeenye y'Okumakya,' osobola okugamba nti ali bulungi?"

N'agamba nti, "Nedda, ssebo."

Ne mmubuuza nti, "Oddamu n'omubatiza?"

"Weewaawo."

Ne mmubuuza nti, "Omubatiza otya?"

N'agamba nti, "Mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.'"

¹³⁸ Ne mmugamba nti, "Kale, kati naawe okoledde ddala nga ye, otaddewo... Ago bw'ogamba nti 'mannya,' naawe obeera okoze ekintu kye kimu kye yakola bwe yagamba nti, 'Kimuli kya Roza eky'a Saloni, Eddanga ery'omu Kiwonvu, n'Emmunyeenye Ey'enkya,' kubanga ekyo kitiibwa, era nga ne 'Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu' bwe kiri ekitiibwa." Mukiraba?

N'agamba nti, "Naye Yesu ye yagamba nti mubatize, 'mu Linnya.'"

¹³⁹ Kko nze nti, "Ky'ekyo kyennyini kye Yali ateggeeza okole. Naye kiki, si—si, Teyagamba nti, 'Mwatule ebigambo bino.' 'Mubabatize mu *Linnya*,' Erinnya!" Ha, bannange! Ne mmugamba nti, "'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu' bitiiibwa butiibwa. 'Erinnya lya Kitaffe, Omwana... Erinnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.' Okiraba?" Ne mmubuuza nti, "Peetero yagamba lyali Linnya ki? Abalala bonna baagamba lyali Linnya ki? Okiraba? Linnya ki? Uh-huh. 'Mukama waffe Yesu Kristo' ly'Erinnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.'" Kati alina bannansi nga emitwalo esatu bajja okwetaaga okuddamu okubatiza. Mukiraba? Kale. Naye ekyo bwe kiri. Pawulo yagamba nti, "Ne bw'abeera Malayika avudde mu Ggulu..."

¹⁴⁰ Pawulo yagamba abantu abo abaali bataabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, Ebikolwa by'Abatume 19:5, nti, okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu, baalina okujja. Wadde baali baleekaana nga bwe batendereza Katonda, n'okukola ebintu eby'ekitalo, yabagamba nti baalina okukomawo baddemu babatizibwe, nate, mu Linnya lya Yesu Kristo. Oluvannyuma lwa Yokaana Omubatiza okubabatiza, baalina okukomawo baddemu babatizibwe.

Era n'agamba, mu Abaggalatiya 1:8 nti, “Ne bw’aba Malayika avudde mu Ggulu ssinga ageza n’ayigiriza ekintu ekirala kyonna ekyawukana ku ekyo kye nnabayigiriza, akolimirwe.” Yee, ssebo. N’olwekyo tulina kunywerera ku Kigambo ekyo, buli Kigambo kyakyo. Mukiraba?

¹⁴¹ Mwekkaanye. O, tobaamu na kakunkuna konna; kakasiza ddala. Bwe wabaawo okubuusabuusa kwonna mu mutima, osaanye okutereeze kati. Tolinda kutuusa kaseera kali, awo obudde bubeera buyise. Tolinda kutuusa nga akabonero kakutuuse mu buziba ddala awo Ekigambo ekyo nga toliddamu kukiraba, oliba ozibye amaaso.

Yaziba Isiraeri amaaso, Asobole okwolesa Ekigambo Kye. Akola ekintu kye kimu eri Ab’amawanga, kubanga baabano—baabano kye boolekedde era nga bwe baakola ku luli.

¹⁴² Mulabeeyo, Kaawa yagaana era yafiirwa eddembe lye. Oluvannyuma lw’okulaba Ekigambo nga kikakasibwa Katonda, kye Yali akoze, Ekigambo ekyo yakigaana n’afiirwa eddembe lye. Ekintu kye kimu kye baakola e Nikyeya, mu Rooma. Era ekintu kye kimu kye bakola ne mu kaseera kano mu Kakiiko akagatta Amakanisa, kyennyini. Ab’oluganda, okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa, waliwo, ekintu kye kimu. Ekyo Isiraeri kye yakola. Ekyo Piraato kye yakola. Ekyo bonna kye bazze bakola, okuviira ddala ku Kaawa okutuusa kati, ekintu kye kimu. Bagaana Ekigambo ekikakasiddwa ne batwalamu ekiyiye, mu kifo kyakyo. Ekyo kivaamu kufa, okufa okw’omwoyo.

Bafu! Ekigambo kikyabuulirwa eri abafu. Ddala bwe kiri! Kati, tekiribabuulirwa okuyita mu kufuga okw’Emyaka olukumi, mukiraba. Baamala—baamala, baabuulirwa dda. Ob’olyawo bakifuna mu kaseera kano. Mukiraba?

¹⁴³ Batabani ba Kayini, abaava mu butakkiriza Kigambo kya Katonda, batabani ba Kayini baasekerera obubaka bwa nnabbi Nuwa. Ekyo mukiraba? Nga akozesa Ekigambo kya Katonda yali awadde o—obunnabbi nti wagenda kujja omusango, era yalina obubonero obw’enkukunala, obubonero obwakakasibwa nti ekiseera kyali kituuse ku nkomerero, naye Ekyo batabani ba Kayini ne bakisekerera.

Era nga ne kaakano bwe bakola. Era, nga, bwe baakola ne mu nnaku za Yesu. Era nga bwe baakola okuyita mu mirembe gyonna. Lubeerera bwe kibaddenga. Bakisekerera ne bakiŋŋoola. Yagamba nti, “Mu nnaku ez’oluvannyuma walijja abasekerezi, nga bagamba nti, ‘Byonna bwe bityo bwe bibaddenga bulijjo, kasookedde bajjajjaffe beebaka.’” Mukiraba?

¹⁴⁴ Bwe batyo ne batabani ba ssetaani bwe baakola, okuyita mu nkola y’eddiini, eri Ekigambo ekyalabisibwa mu biro bya Yesu Kristo. Mulabeeyo, enkola z’ekinnaddiini ez’abantu

Abayudaaya, (Mwanyinaffe Rose), abantu Abayudaaya abaali bateekwa okuba nga bamanyi bulungi ekituufu eky'okukola, naye enkola yaabwe yabaleetera okugaana n'okuvvoola Ekgambo kya Katonda (kye baali bagamba mbu bakikkiriza) ekyalabisibwa, awatali kuweebuuka mu Kigambo n'ekimu. Naye baakola ekintu kye kimu.

¹⁴⁵ Era nga bwe bakola leero. Enkola y'eddiini mu kyuma kino ekinene kaakano kye bagenda batondawo, egaanidde ddala, ebisuubizo eby'omu kiseera eky'enkomerero; n'Obubaka obw'ekiseera eky'enkomerero, n'akabonero ak'omu biseera eby'enkomerero, na buli kimu kyonna ekirina okubaawo, nga Katonda bwe yalagula, Kigambo ku Kigambo.

Kiri ku lutambi. Ne bwe—bwe banankuba amasasi, oba kyonna kye bayinza okukola, tebaliyimiriza Bubaka obwo! Mukiraba? Bujja kusigala nga bugenda mu maaso. Mukiraba? Bwamala dda okufuluma. Bwakwatibwa ku ntambi. Bwasaasaana dda. Mukiraba? Tebasobola... Kye—ky'Ekgambo eky'enkomerero, mu kaseera kano kennyini. Ob'o... Kikakasiddwa ddala awatali kakunkuna konna, emirundi n'emirundi n'emirundi, okuyita mu bubonero, ebyewuunyo, okuyita mu nkola entuufu, o—o—okuyita mu Maanyi, o—okuyita mu ssaayansi, okuyita mu kkanisa, Katonda Mwene, akakasizza nti kye kiseera; okuyita mu Kigambo, n'okuyita mu bubonero n'ebyeuwunyo.

¹⁴⁶ Obubaka Katonda bw'akakasizza mu makkati gammwe, okuyita mu bubonero n'ebyeuwunyo ebikoleddwa mu kiseera kino. Obubaka obugamba nti Yesu Kristo si mufu, wabula mulamu ddala nga bwe Yali abadde, era bubuna wonna. Era kituukiririza ddala Malaki 4 n'Ebyawandiikibwa ebirala byonna Yesu bye yagamba ebiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, bituukiriridde ddala, okuyita mu ssaayansi, ne mu nsi yonna. Era magaziini zifulumizza ebifaananyi by'enkulungo z'Ekitangaala, ekyalagulwa wano. Bamalayika ba Katonda, abasse wansi, be batamanyiiko wadde n'akatono. Era buli wamu wonna, buli wamu wonna, kikakasiddwa, buli wamu wonna mu nsi!

¹⁴⁷ Ekiddako kwe kukomererwa, era kye twolekedde. Nga Yesu bwe yagamba mu kiseera kiri nti, "Njogere ntya nti, 'Ndokola, Kitange, okuva mu kiseera kino'? Naye, nedda. By'oyagala bikolebwe, olaba, ku nsi, nga bwe bikolebwa mu Ggulu."

¹⁴⁸ Ekyo Ekkansa ky'egamba, leero, okuva mu mutima gwayo nti, "Nze okubaako kye nneegattako...? Nedda, Mukama, nedda. By'oyagala bikolebwe, nga bwe bikolebwa mu Ggulu."

¹⁴⁹ Mulabeeyo, oluvannyuma lw'Ekgambo ekyasuubizibwa eky'omulembe ogwo ekyakakasibwa, baakigaana. Ne leero bakoze ekintu kye kimu. Era kati nsemberera okumaliriza. Era nga bwe Yajja mu kiseera ekyo ne Yeeyolekera ddala nti ye Kigambo, ne wabaawo okusalawo eggoye we baali

bateekwa okulondawo okutwala Ekigambo oba okutwala enkola ey'obuntu; ne leero ekintu kye kimu kikomyewo, bateekwa okulondako Ekigambo oba okutwala enkola ey'obuntu. Naye batuttemu nkola ya buntu. Kaakati ekyo kikola ki? Nga mmaliriza. Ali ku ngalo za nsi. Mazima ddala.

¹⁵⁰ Kaakati, okudda ku ky'okuyigirizaako kyange. Nkozesezza obudde buwanvu nnyo okuteekawo omusingi, naye kati nnaakatandika, mukiraba. Temusituka, ekyo nkyogedde bwogezi. Mulabeeyo, kino ky'eky'okuyigirizaako kyange. Ekyo tukimanyi. Awo tubadde tusimba musingi. Kaakati byonna tubirambise bulungi wano ku lukalala. Leka tutuukire ddala mu kiseera mwe tuli tulabe bwe kifaanana, tukiteeke mu ndabirwamu tukyekkaanye.

¹⁵¹ Yesu ali ku ngalo z'abantu. Ali ku ngalo z'ekkanisa. Onookolera ki Yesu ono ayitibwa Ekigambo ekifukiddwaako amafuta? *Kristo* kitegeeza "Ekigambo ekifukiddwaako amafuta." Mukiraba?

"Yesu ono mugenda kumukola mutya?" bw'atyo Piraato bwe yabuuza. "Ekigambo ekyo n̄enda kukikolera ki? Kiki, kiki kye n̄enda okukola? Yesu ono ayitibwa Kristo mmukolere ki?"

¹⁵² Ensi yayanukula etya? Ekkkanisa yayanukula etya? "Ekigambo ekyo kikomerere! Kiyimirize! Tetukyakyetaaga."

¹⁵³ N̄enda kubaako ne kye mbabuuza. Osobola okuteebereza okulimirizibwa okuli ku ngalo za Oswald, enkya ya leero, oyo eyatemula Pulezidenti? Osobola okuteebereza omusango gw'anaasalirwa bw'anaakakasibwa okuba nti ye yakikola? Osobola—olowooza wakyaliwo okusaasirwa kwonna gy'ali? Omusaayi gwa Pulezidenti w'Amerika guli ku ngalo ze. Olowooza Kooti ya Gavumenti eya wakati. . . Ne bwe yeegayirira okwenkana wa n'agamba nti, "Ssaagenderedde kukikola," ekyo tekijja kumutaasa yadde. Ajja kufa. Lwaki? Aliko omusaayi gwa Pulezidenti ku ngalo ze. Osobola okuteebereza bw'awulira? Omusaayi ogwo wandigwagadde ku ngalo zo? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.]

¹⁵⁴ Kaakati, ate Omusaayi gwa Yesu Kristo? Olowooza olitalizibwa, nga Ekigambo ekyo kimaze okukakasibwa bwe kityo? Olikisimattuka otya? Omusaayi Gwe guli ku ngalo zo, omusango gukusinga! Ggwe omwonoonyi, bw'ova wano ogenda wa? Ogenda kukola ki oluvannyuma lw'olukun̄aana enkya ya leero?

¹⁵⁵ Olowooza, oligamba nti, "Naye, kye nnagenderera... Ssaagenderera kubeera mubi." Ne Oswald asobola okwogera ekintu kye kimu.

Obwenkanya bwa Kkooti yaffe Ensukkulumu bw'enaakozesa obwenkanya, ejja kubukozesa. Ye—ye... Ye ky'enkomeredde ky'eggwanga. Eggwanga lyonna lisibiddwa ku Kkooti eyo Ensukkulumu, era tewali kiyinza kulekebwayo.

Yazza omusango. Alina okukisasulira. K'abeere nga teyagenderera kukikola, oba ebigerenderwa bye byali bitya, byonna tebirina kye binaakola; mu buli ngeri, ajja kukisasulira.

Kkooti yaffe Ensukkulumu n'obwenkanya bwayo bw'eba nga ebanja wabeewo ekibonerezo, ggwe tolisingawo bw'olyesanga mu Kaguli ka Katonda ak'okusalirwa Omusango, bw'olijja n'Omusaayi gwa Yesu Kristo ku ngalo zo? "Nnaakola ntya Yesu ono ayitibwa Ekigambo ekifukiddwaako amafuta?" Okiwulidde. Okimanyi nti ge Mazima. Kikakasiddwa obutalekaawo wadde akakunkuna.

¹⁵⁶ Omutemu? Wandyagadde okulondawo omutemu w'Ekigambo ow'ekibiina ky'eddiini, mu kifo kya Kristo atalina musango? Wandikomeredde? Wandi—wandyetantadde okutwala Balaba? Wandisabye bakuteere Balaba? Ekyo omuntu yenna ayinza atya okukikola, okuteerwa Balaba, omutemu w'Ekigambo, mu kifo ky'okutwala Ekigambo, Kyennyini, nga bwe Bulamu! Ate Kiri ku ngalo zo.

¹⁵⁷ Bwe nnawulira ku kutemulwa kwa Pulezidenti Kennedy, Obubaka buno ne bujja ku mutima gwange. Muli ne nneebuuza nti, omusajja oyo agenda kukola ki? Kati takyayinza kukusimattuka. Yandiba nga we njogerera yazze mu ntegeera ye n'ategeera ekimulindirdde.

¹⁵⁸ Naawe lumu ojja kudda mu ntegeera yo. Ggwe ali wano, oba awuliriza olutambi, wonna w'oli, lumu ojja kudda mu ntegeera yo, ggwe omwonoonyi, okitegeere nti ku ngalo zo kuliko Omusaayi, era nga Musaayi gwa Mwana wa Katonda, era nga olina omusango ogw'okumutemula. Ekibi kyo kyamutemula. Obutakkiriza bwo mu Kigambo Kye, okulemererwa kwo okulaba okweyoleka Kwe, byanakuwaza ne bigoba Omwoyo Omutukuvu n'avaawo. Era oyinza kukola ki okuggyako okuyimirira mu Musango gwa Katonda, nga omanyi ekigenda okukutuukako! Weewaawo, omusaayi gwa John Kennedy ku ngalo za Oswald gujja kuba kintu kitono nnyo, bw'ogugeraageranya n'Omusaayi gwa Yesu Kristo ku ngalo zo bw'oliyimirira mu maaso ga Katonda.

¹⁵⁹ "Nnaakolera ki Yesu ono ayitibwa Kristo?" Bw'atyo Piraato bwe yagamba. Yali ateekeddwa mu mikono gye.

Era Omusaayi gwa Yesu Kristo nate era guteekeddwa ku ngalo z'ekibiina kino. Guteekeddwa ku ngalo z'eggwanga lino, n'okwetooloola ensi eno yonna, entambi zino gye zituuze, wamu n'ebintu ebikakasiddwa era ne binywezebwa Katonda.

Kaakati tunaakolera ki Yesu ono ayitibwa, "Abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna"? Tunaakolera ki Yesu ono? Oli mwetegefu okutwala ekifo kyo ku ludda Lwe?

¹⁶⁰ Piraato, era ku kintu kye kimu Piraato kye yakola, wakyaliwo ebintu bisatu by'osobola okukola Yesu. Piraato ebisatu ebyo byonna yabigezaako, naye kye yalina okukola

yakisubwa. Waliwo engeri ssatu z'oyinza okugezaako okukozesa, naye tezirikola. Piraato yagezaako okumwessamula amuggye ku ngalo ze. Naye Ekigambo ekyo kasita kiteekebwa ku ngalo zo, Kibeera kiri ku ngalo zo. Piraato yagezaako engeri ssatu ez'enjawulo, naye n'alemwa.

¹⁶¹ Tuteekwa okukkiriza amazima nti Ali ku ngalo zaffe. Tumulabye mu Kigambo Kye. Tumulaba nga Yeekakasa. Tukimanyi nti Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Si bwe kiri?

Kaakati, soogera eri kibiina kya bano bokka abali wano enkya ya leero, kubanga, ob'olyawo awo mbeera njogera eri abantu nga lukaaga, oba lusanyu bokka, naye njogera eri obukadde n'obukadde bw'abantu ku lutambi luno olugenda okubuna ensi yonna. Mukiraba? Ali ku ngalo zo, ggwe awuliriza olutambi, yonna gy'oli. Okimanyi nti Ekigambo ekyo ge Mazima. Bw'oba tokimanyi, kitegeeza oli muzibe wa maaso; tosobola kulaba Kigambo, era tosobola kulaba Katonda mu Kigambo. Naye ali ku ngalo zo. Kaakati ogena kumukolera ki?

¹⁶² Piraato yagezaako okumweggyako, naye tulina okugasimbagana n'amazima. Piraato yalina okugasimbagana n'amazima. Yali akimanyi. Yali yawulira.

Kati, oyinza okunŋamba nti, "Naye nze ssikirabangako yadde." Naye era, wali okiwuliddeko mu ngeri emu oba endala. Kaakano okiwulira. Mukiraba?

Yali ayagala, Yesu amukolereyo ekyamagero, oba akakolomooni. Naye Yali takola bukolomooni; Yali akola ekyo kyokka nga Katonda bwe yamugamba Akole.

¹⁶³ Owulidde, "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira." Okukkiriza okulina, n'olwekyo weetakkuluzzeeko... kino okusobola okukiggya ku ngalo zo. Naye era, yalina okugasimbagana n'amazima. Yagasimbagana nago, era naffe tulina okugasimbagana n'amazima. Alabisiddwa mu bujuvu. Kirowoozeeko, okubeera nga olina Omusaayi gw'Omuntu ku ngalo zo!

¹⁶⁴ Omuntu alina okwegendereza bw'aba n'omusaayi gw'omuntu omulala mu ngalo ze. Mulabe ennyonyi. Omugoba w'ennyonyi, bw'aggyayo ennyonyi eyo, yeekebejja buli kikozebwa kyonna. Lwaki? Kubanga alina omusaayi gw'omuntu omulala mu ngalo ze. Buli kikozebwa ekitono kyonna ekiteekwa okwekebejjebwa, akyekebejja. Bw'afuluma ne yetoolooza ennyonyi, a—a—akoleeza yi—yi—yingini, yingini, akakase nti ebugumye. N'asindika omuliro ne guggweerayo ddala, alabe oba nga okutulika kuna—kunaasobola... oba omuliro gunaasobola oku—oku—okusinziira, manya oba ekiwujjo, nakyo, kifuna empewo emala okusitula ennyonyi eyo okuva ku ttaka.

Bangi ku mmwe, mwali muyimiriddeko, mu nnyonyi, manya mwali mutuddeko mu nnyonyi nga eri awo wansi,

ennyonyi, kyenkana yonna eyuuguuma nga bw'esituka okuva ku ttaka. Awo abeera agiwa amaanyi gonna g'erina mu yo, okulaba oba waliwo ekintu kyonna ekitateredde. Bwe kibaawo, ejja kusikondoka ezikire. Naye era addamu n'agyekebejja, ne bwe kiba kimwetaagisa okusooka abeere awo okumala akaseera, okutuusa lw'anaddamu n'agyekebejja. Ne bwe bamulwisaamukko, addamu n'agyekebejja.

¹⁶⁵ Ekkanisa nga esaanye okubeera nga eddinjane okugikebera, n'egiddamu, n'egiddamu, n'egiddamu, n'egiddamu! Tulinze Kujja Kwe. Tutambula, tulinze kusitula kugenda mu bbanga. Tusaanye tugikebere nga tukozesa Kigambo, si ekyo omuntu omulala kye yayogera. Kakasa nti omanyi, nga ggwe omuntu, nti olina obumanyirivu ne Kristo. Gikebere ogiddinjane, ogiddinjane, ogiddinjane.

Lwaki? Kubanga alina omusaayi gw'omuntu mu ngalo ze. Asaanye yeenneenyene.

¹⁶⁶ Ate omusawo, nga tannalongoosa muntu? Tulinawo abasawo abawerako abatudde wano enkya ya leero. Mwekkaanye, omusawo, ky'anaakola nga tannagenda kulongoosa. Ayagala ekifaananyi kya ekisule. Ayagala akebere omusaayi. Ayagala akebere omutima. Ayagala alabe oba olinamu ka ssennyiga, nga tannakusirisa. Akebera buli kyuma eky'okukozesebwa; abifumbira, ddala, okukakasa nti tebiriiko buwuka bwonna bulwaza. Akola buli kimu kyonna. Addamu n'akebera, n'era n'addamu, n'addamu, n'addamu, nate. Lwaki? Kubanga alina omusaayi gw'omuntu mu ngalo ze. Ayagala akakasize ddala nti buli kimu kyonna kitereeredde ddala nga bwe kirina okuba.

¹⁶⁷ Ate ggwe? Ate ggwe, omwonoonyi, owulira otya munda mu ggwe ku ekyo?

Okubeera n'omusaayi gw'omuntu mu ngalo zo, buvunaanyizibwa nga omugoba w'ennyonyi, era yeekebejja; omusawo, naye akebera; n'omulala yenna, bangi abakola eby'ekinnassaayansi; bw'obeera n'omusaayi gw'omuntu mu ngalo zo, ekyo ky'ojja okukola!

Omulamuzi bw'aba agenda okuwa ensala y'omusango, laba engeri gy'asoma ebitabo ebyo, n'abiddinjana n'abiddinjana n'abiddinjana n'abiddinjana, okulaba nga yeenneenya buli kantu konna k'asobola okulaba, nga tannaba kuwa nsala ya musango. Kubanga, abeera alina omusaayi gw'omuntu mu ngalo ze, wateekwa okubaawo ekinyweza ensala y'omusango eyo. Mukiraba?

¹⁶⁸ Ate ffe, bwe tulaba Ekigambo ekyo nga kyoleseddwa ddala, nti, "Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna"? Ali wano. Ali ku ngalo zaffe. Ali ku ngalo zaffe. Ali ku ngalo zo! Ogenda kumukolera ki? "Nnaakolera ki Yesu ono Kristo eyafukibwako amafuta?"

"Kikola ki? Omanyi otya nti Ekigambo ekyo ye Ye?"

Eki suubizo eky'ekiseera kino, ekiseera kino mwe tuli, waliwo Ebyawandiikibwa bingi nnyo ebikyogera, yinci nnyingi nnyo ez'Ekigambo ekyo ezirina okutuukirira, mu yinci zino ezisembayo ez'ebiro bino ebisembayo. Waliwo ebintu ebimu ebiri wano ebirina okubaawo, era biibino. Kye kiki? Ye Kristo y'omu eyafukibwako amafuta, Ekigambo ekifukiddwako amafuta! Oagenda kukikozesa ki? Oagenda kukiguza kibiina kya ddiini?

¹⁶⁹ Kati Piraato kiki kye yakola? Piraato yagezaako okumwenaazaako amuggye ku ngalo ze, nga agamba nti... Ekisooka Piraato kye yakola kwali kugezaako kumwenaazaako okuva ku ngalo ze, nga agamba nti, "Naye, Talina musango. Musajja mulungi." Mukiraba?

¹⁷⁰ Oyinza okugamba nti, "Bambi, musajja wattu Piraato." Piraato, bangi ku bo bagamba mbu yali mutuufu? Nedda, nedda, nedda! Yali ku ngalo ze. Yali awulidde Obubaka, yali alabye Ekigambo, era Yali ku ngalo ze. Era naawe Ali ku ngalo zo. Bwe kiri.

Yakola ki? Yagezaako okugamba mbu, "Ha, naye, Musajja mulungi. Ssimulabamu nsonga yonna emuvunaanya."

¹⁷¹ Okwo bwe kuba si kwe—kwe—kwe kwanukula kw'abangi olwa leero! "Weewaawo, Ekigambo tekirina buzibu bwonna. Ndowooza tekirina buzibu. Bayibuli terina buzibu, naye ffe tukkiriza kkanisa. Ekibiina ky'eddiini yaffe tekikikiriziganya nayo." Mukiraba? Mukiraba? Waliwo ekimu ku bika by'abantu abagezaako okumwenaazaako bamuggye ku ngalo zaabwe.

"Ekigambo ssikirabamu nsobi yonna. Kyali kirungi eri abatume mu biro byabwe, naye ffe tuli mu biro birala. Tetuli mu biro bya batume, n'olwekyo ssirina kukola nga abatume bwe baakola. Ssirina kubatizibwa nga bwe baabatizibwa; ndi mu kiseera kirala. Sseetaaga kubeera na bintu bye baalina; ndi mu kiseera kirala. Omwoyo Omutukuvu yaweebwa kibinja ekyo kyokka."

¹⁷² Abaebbulaniya 13:8 kimukomyawo nate ku ngalo zo. Tolina w'omwesambira! Alabisiddwa ddala nti, "Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Tolina w'omwesambira. Tosobola kumusindiikiriza mu mulembe mulala. Abaebbuaniya 13:8 kisalira ebirowoozo byo omusango, butereevu ne kimukomyawo ne kiddamu ne kimuteeka ku ngalo zo. N'olwekyo Yesu ali ku ngalo zo, era nga bwe yali ku za Piraato.

Mulabeeyo. Oyinza okugamba nti, "Naye ssimanyi." Kaakati, ate lwaki owuliriza?

¹⁷³ Piraato yali mukaafiiri. Mukyala we yali mukaafiiri. Naye Katonda okukifuula eky'obwenkanya, yatuma omukazi oyo n'ayingira munda n'amugamba nti, "Tobaako ekintu kyonna ky'okola Omuntu ono omutuukirivu." N'agamba nti, "Bingi bye nnalabye ebyantiisizza leero." Weewaawo, bwali ku makya, bye yalaba yabiraba mu kiro, era bwe wayitawo essaawa abiri mu

nnya lubalibwa kuba lunaku lulamba. “Nnina ebirooto bye nnaloose ekiro, olw’Omuntu oyo omutuukirivu. Tobaako ekintu kyonna ky’omukola.”

¹⁷⁴ Kati n’agamba nti, “Kaakati, awo, bwe kiba bwe kityo, n̄enda kunaaba bunaabi ngalo zange mmweggyeko.” Naye yali tayinza kumweggyako.

Naawe tosobola. Kasita owulira Amazima, obeera olina kugakkiriza oba kugagaana. Tewali ngeri... Yee, ssebo, olina okukikola. Kubeera kulabula kwa Mukama waffe!

¹⁷⁵ Abayudaaya kye baava boogerera waggulu n’eddoboosi ery’omwanguka nti, “Leka Omusaayi Gwe gubeere ku ffe; kubanga tujja kukkiriza bakabona baffe, n’enkola y’ekibiina kyaffe eky’eddiini, nga tetunnamukkiriza.”

Kiikyo. Mulaba ebibiina by’abantu eby’enjawulo olwa leero? Naye byonna biteekwa okwen̄anga ensonga ya Katonda. Mu buli ngeri, mwenna muteekwa okukikola, oba oli mukaafiiri oba kyonna ky’oli. Atakkiriza, Omumesodisiti, Omubaputisiti, Omupulesibeteriyani, ow’ekibuguumirize, omunnyogovu, ayokya, ne kyonna ky’oli, ensonga eyo mu buli ngeri oteekwa okugyen̄anga. Oba oyagala, oba toyagala, Guli ku ngalo zo. Ky’ekyo kyennyini.

¹⁷⁶ Kati ate ne wabaawo n’abalala abagezaako okukozesa enkola ya Piraato eri endala ey’okwebalama ensonga, n’amusindika eri Kayisaali omulala. Mukiraba?

Piraato yagamba nti, “Kaakati musooke mulindeko. Kino sa—sa—ssaagala kuba na kakwate konna na Kyo. Si—si—si—si... Omusajja ono musajja mutuukirivu. Ssa—ssaagala kuba na mukono mu nsonga Ye. Ha, nzi—nzikiriza bye mpulidde. Ssimulabangako nga akola ekyamagero, naye waliwo abajulirwa bangi nnyo abamuwaako obujulizi. Nzi—nzi—nzikiriza Musajja mutuukirivu. Musajja mulungi, mukiraba, naye—naye nze—nze ssaagala kuba na mukono mu nsonga Ye, nga nze. N̄enda ku—ku—ku... N̄enda kumwenaazaako muggye ku ngalo zange. Mwundeetereyo ku mazzi. Mwenna muli bajulirwa bange.” Weewaawo. Naye, ne, Katonda, yali mujulirwa. Yali ali ku ngalo ze.

¹⁷⁷ Era naawe Ali ku ngalo zo. Mukiraba, kye njogerako mukimanyi. Mukiraba? Si mmwe mwekka, wabula n’abawuliriza olutambi luno. Ali ku ngalo zo. Ogenda kumukolera ki, Yesu ono ayitibwa Kristo? Kristo kye Kigambo ekifukiddwaako amafuta. Mukiraba? Ogenda kukolera ki Ekigambo ekyo? Bwe Bubaka obw’ekiseera kino. Ekiseera kye kino, kikakasiddwa Katonda ne Bayibuli obutalekaawo kakunkuna konna. Ogenda kukikola otya? Kaakati ensonga eyo ogenda kugyebalama otya? Ogenda kugikwata otya? Ali ku ngalo zo! Era omusango gwa Oswald gujja kuba mutono nnyo,

bw'ogugeraageranya ku gugwo, k'obeere nga oli muweereza oba kyonna ky'oli.

¹⁷⁸ Abayudaaya bali baali bakabona, ne ba labbi, abayigiriza, nga basajja batukuvu; naye era Yali ku ngalo zaabwe. Ye yali Kigambo, ensonga ya Katonda eri ekiseera ekyo, naye Ekigambo ekyo baalemwa okukiraba. Abalonde bokka be baakiraba, abo abaakikkiriza.

¹⁷⁹ Kati ensonga eyo bonna bateekwa okugyennganga. Mu buli mulembe bwe kityo bwe kibaddenga, buli mulundi. Okuyita mu mulembe gwa Kaawa ne Adamu, okutuuka ku mulembe gwa Nuuwa, n'okweyongerayo mu biseera bya Danyeri ne Berutesazza ne Nebukadduneeza, n'okweyongerayo mu nnaku za Kristo, okutuukira ddala mu biro bino byennyni mwe tuli, kibaddenga kye kimu, ensonga y'Ekigambo egolokosenga. Si kikwate kya nzikiriza yaabwe, oba si kibiina kya ddiini, si kigunje, naye, ensonga y'Ekigambo ebaddenga ekontana n'ebintu ebyo. N'olwekyo, kati, kaakano Kiri ku ngalo zo.

¹⁸⁰ Kaakati waliwo abo abagezaako enkola ya Piraato eri endala, okumweggyako, nga bamusindika ew'omuntu omulala. Piraato yagamba nti, "Kaakati, omanyi? Njenda kumuggya ku ngalo zange. Njenda kunaaba mu ngalo n'amazzi gano mmweggyeko. Kale njenda ku...Nnina okubaako ne kye mmukola. Kaakati nkole ki? Njenda kumusindika ku kitebe ekikulu, eri omulabirizi." Uh-huh. Weewaawo.

Ekyo kye bagezaako okukola leero. Mukiraba? Bamusindika wa Kayisaali. Ekyo tekyamuggya ku ngalo za Piraato, tekimuggya ku ngalo za muntu yenna. Kyakola ki? Kyamuddira. Kikomawo butereevu eri omuntu ssekinnoomu.

¹⁸¹ Oyinza okugamba nti, "Naye, nze nnandi, nze nnandikikoze, nze nnandikikirizza ssinga eddiini yange ebadde ekikkiriza."

Eddiini yo eri mu Kakiiko akagatta Amakanisa, akaasaliirwa omusango! Banaakisembeza batya? Kikomawo bukomi, gy'oli. Ekibiina ky'eddiini yo kye kigamba si y'ensonga; ensonga eri nti, ggwe ogamba ki? Bbo bakigaanye; kaakati ggwe ogenda kukikolera ki? Ekyo ky'ekiddako. Mukiraba? Ekyo tekimuggya ku ngalo zo.

Akakasiddwa ddala awatali kakunkuna. Alabisiddwa ddala awatali kakunkuna, nga Ekigambo eky'ekiseera kino, ekisuubizo eky'ekiseera kino. Si kisuubizo kya biro bya Luther; ekyo nakyo kyalii Kigambo, kye kyalii Ekigambo mu mulembe gw'abaddaabuluzi. Nga, mwenna abaawulira *Obubonero Omusanvu*, omulembe gw'abaddaabuluzi bwe gwaggwaako, Ensolo eyalina obwenyi nga obw'omuntu (ekibiina ekigunje) y'eyavaayo; naye buno bwenyi bwa mpungu, Ensolo eyafuluma okusoomoza olwa leero.

¹⁸² Era ani ayinza okwetantala okugamba nti ekyo tekyali Kigambo kya Katonda ekyalunnamizibwa, nga Yakyogera

wano nga tekinnabaawo, n'antuma ne njenda erudda eri mu Arizona ne nkomawo na Kyo, ne ssaayansi n'ebirala byonna, ne bikikakasa nti kye Kyo! Ekitabo *kino* kyamala dda okubikkulwa, bwe kiri, tulinze kimu kyokka Kabonero Ak'omusanvu kweyoleka olw'Okujja kwa Kristo.

¹⁸³ Kale, Ali ku ngalo zo. Oteekwa okubaako ne ky'omukolera. Tomuggyaako. Yee, ssebo. Mu ttuluba lino, njagala mbeeko ne kye njogera erya, "okubaako omuntu omulala gw'omusindikira."

"Eddiini yange singa ebadde ekkiriza Ekigambo ekyo, Ow'oluganda Branham, nna—nnandikikirizza. Naye, olaba, eno y'eyali ekkalisa ya mmange." Yaliwo mu mulembe gwe; oyo si ye ggwe. Kaakati ggwe aliwo. Laba kye yalina okufulumamu, okusobola okufuuka kye yali. Kaakati ate ggwe? Kale.

¹⁸⁴ Mulabeeyo. Oyinza okugamba nti, "Mmange yali Mupentekoote. Yakola *kino-na-kiri*. Yafuluma ekibiina ky'eddiini." Naye kaakati ngezaako kwogera naawe. Ate ggwe? Mukiraba?

Mu ttuluba lino, tusangamu bangi abaasoma. Kati, nkimanyi wano njenda kubaako ne be nnumya, naye sikikola kagenderere. Bwe mba nkikola kagenderere, awo nnina—nnina okufukamira wano eno ku wolutaali, nneenenye. Kino nkyogera mu kwagala okw'obwakatonda.

¹⁸⁵ Yesu, bwe Yayimirira awo, mu maaso g'Abafalisaayo abo, yalina okubagamba nti, "Muli ba kitammwe, ssetaani; era mujja kukola mirimu gye." Naye ate ku musaalaba, n'abasabira emirembe n'okusaasirwa, abo abaamukomerera. Mukiraba, Teyabanyiigira. Yabagamba nti, "Mmwe abaana b'emisota." Mukiraba? Mukiraba? Buli kimu kyonna, Yabayita buli kimu kyonna kye Yali asobola okubayita, mukiraba, naye ate ku musaalaba n'abasabira. Mukiraba? Tekyali nti ekyo yali Ayagala okukikola; si bwe kyali, naye baalina okulaba ensobi gye baali bakola.

¹⁸⁶ Nange njogera ekintu kye kimu olwa leero, mu ttuluba lino, erya "okubaako omuntu omulala gwe weekwasa," oba mu magye kye tuyita "okuteeka omusango ku muntu omulala." Tugezaako kweggyako omusango nga tuguteeka ku muntu omulala, nga Adamu ne Kaawa bwe baakola.

Kaawa yagezaako. Adamu yagamba nti, "Omukazi gwe Wampa," naye ekyo kyali tekimuggyisaako musango. Mukiraba? Omukazi n'agamba nti, "Omusota gwe gwansenzesenze. Omukazi... Gwe gwegasse nange. Gwansenzesenze. Gwakoze *kino*." Ekyo tekyakiggyaawo, yadde. Era baakomekkereza basaliddwa omusango, mu ngeri y'emu. Yee, ssebo. Kale.

¹⁸⁷ Tebasobola kukisindiikiriza, omu... Tosobola kugamba nti, "Kino singa ekibiina ky'eddiini yange kibadde kikikiriza, nange—nange nnandikikirizza. Naye, kino ky'ekibiina ky'eddiini mwe mbadde." Ekyo tekirina kakwate konna

nakyo yadde. Abayudaaya nabo baalina ekintu kye kimu, naawe bw'oli.

¹⁸⁸ Naye, mulabeeyo, bangi muno, mu ttuluba lino tusangamu abasajja bangi abagunjufu ddala. Kaakati muwulirize n'obwegendereza.

Mukiraba, obugunjufu, kye tuyita obugunjufu olwa leero, ekyo Ssetaani kye yayanjulira Kaawa, amagezi amatonotono. Yamugamba nti, “Amaaso go tegalaba, kusobola kutegeera Kigambo kyonna.” Omukazi yali amanyi Ekigambo, era ekyo kyali kimala. Yalaba Katonda nga akakasa Ekigambo ekyo, era ekyo kyali kisaanye okumumala. Katonda yali amukuumira mu Bulamu Obutaggwaawo, kasita yasigala ng'anyweredde ku Kigambo ekyo. Bwe yamenya Ekigambo ekyo, yalina ekisuubizo kya Katonda ekyali kigamba nti yali wa kufa ku lunaku lw'alikimenya. Era, bwe yakimenya, n'afa. Bwe kiri.

¹⁸⁹ Tulina wano Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa, nga kikakasa, era nga kinyweza ku bw'Omwoyo, nti Yatukkiriza era n'atuwa Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Tubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Enjiri y'emu, obubonero bwe bumu, ebyewuunyo bye bimu, obuweereza bwe bumu, n'Empagi y'Omulirowo y'emu nga erabibwa mu maaso gaffe, nga eraga obubonero n'ebyeuwunyo. Tewali kya kwekwasa, n'ekimu.

Era ekyo kyennyini Bayibuli kye yagamba ekiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, n'okulangirira okuva eri Malaki 4, “okuzzaayo Okukkiriza kw'abaana eri bakitaabwe.” Era amangu ddala nga ekyo kimaze okubaawo, ababi baatambulira... manya abatuukirivu baatambulira ku vvu ly'ababi; ensi yonna yalina okwokebwa. Era eby'okulwanyisa biri eyo, bbomu zitegekeddwa mu masa.

¹⁹⁰ Mulaba Bugirimaani kye baakola olwali okukitegeera nti Pule... Pulezidenti atemuddwa? Baategeka mangu amagye gaabwe, kubanga ekyo ky'ekintu kyokka ekyali kiziyiza Russia okukubayo bbomu. Era baakuba... Kennedy yabatumira butumizi bubaka, n'abagamba nti, ekyo lwe balikikola, nti ajja kubasangula ku maaso g'ensi, abafulumye Bugirimaani. Mukiraba? Era baali balowooza nti basobola okuliwamba, naye ekiseera kyali tekinnatuuka, mukiraba. Mukiraba?

¹⁹¹ Tusanga ababuulizi abayivu, abakenkufu, n'ababuulizi b'enjiri, nga bagezaako okusindiikiriza Ekigambo ekyo eri omuntu omulala. Mukiraba?

Lwaki, Piraato lwaki teyagamba nti, “Naye, sooka olindeko, Omusajja ono... omukyala ono azze n'anjamba, era musajja Ggwe nkuwuliddeko obujulizi bungi nnyo. Omanyi, nja—njagala kweyongera kutegeera. Njagala kuzuula. Ssebo, nnyinza kukola ki okufuna Obulam Obutaggwaawo? Oli ku ngalo zange. Nnyinza kukola ki?” Naye, yandimugambye—yandimugambye

nti . . . Yamubuuza nti, “Ye ggwe—ye Ggwe Masiya? Ye—ye Ggwe ka—Kabaka w’Abayudaaya?”

192 Ye n’amuddamu nti, “Ky’ekyo ky’oyogedde. Okyogedde.”

“Oba, tubuulire, ddala, ye Ggwe Kabaka w’Abayudaaya?”

N’amuddamu nti, “Eyo y’ensonga lwaki nnazaalibwa.”

N’agamba nti, “Ssimulabamu nsonga yonna emuvunaanya.” Uh-huh. “Naye, njenda kunaaba bunaabi ngalo zange mmweggyeko.”

193 Yamwanukula, naye teyasobola kusembeza Kigambo ekyo. Lwaki? Kyali kijja kuweebuula ekitiibwa kye. Kye yava alowooza okumusindika eri omukadde w’eggwanga lyonna, alabe ky’anaakolera Ekigambo ekyo. Mukiraba?

194 Ekintu kye kimu ne kaakati, ensonga ezzeemu n’ekomawo. Onaakikolera ki, Ekigambo? Olina kukola ki, olina kubuuzza mukadde, oba omulabirizi, oba omuntu omulala yenna, oba osobola okukyusa ekiruubirirwa kyo eky’okubatizibwa, oba osobola okukola *kino*, oba okukola *kino*? *Bw’otyo* bw’okiraba, naye, “Eky’amazima, toteekwa kukola bw’otyo.” Kikomawo butereevu gy’oli. Bw’okikola, obeera ojja kugobebwa. Mukiraba?

195 Kibeera kijja kuweebuula ekitiibwa ky’abantu. Weewaawo, ba—balowooza . . . Era akakiiko k’ekibiina ky’eddiini kaali tekasobola kugumiikiriza . . . Okugeza—okugeza Piraato Ekigambo ekyo yakisindika wa Kayisaali; baali tebasobola kukigumiikiriza. Kayisaali n’akizzaayo mu mikono gya Piraato. N’olwekyo bagezaako okumusindiikiriza eri abakulembeze b’ebibiina by’amadiini gaabwe, naye tekikola. Akakodyo kano tekakolangako, era tekajja kukola. Piraato tekaamukolera; naawe tekajja kukukolera; era teri muntu mulala yenna gwe kanaakolera. Kaakati, eky’okubiri, ekintu ky’osobola okukola kwe . . .

196 Manyanga, eky’okusatu, kwe kumukkiriza oba okumugaana. Tosobola kumwenaazaako n’omuggya ku ngalo zo. Tosobola kubaako nkola ndala gy’omusindiikiriza, oba mu kintu ekirala kyonna. Olina okwenjanga ensonga eyo. Kati oyinza kukola ki?

Okufaananako ne Piraato, yali mu mbeera y’emu, n’agamba nti, “Mumpeeyo ku mazzi, njenda kunaaba engalo zange nkyeggyeko, okukakasa!” Bwe yakomawo, era yalina okuwa ensala y’omusango; tekyamuggyaako musango. Yagezaako okugamba nti, “Kaakati, nze, bwe mba ssisobola kumuggya ku ngalo zange, njenda kumuteeka ku ngalo za Kayisaali.” Naye ne Kikomawo gy’ali, ne kimuddira.

197 Naawe, Kikomawo gy’oli, nga omuntu. Ogenda kukola ki? Si ekyo maama kye yakola, oba taata kye yakola, oba omusumba ky’akola, oba Ow’oluganda Branham ky’akola, oba omulala yenna ky’akola; Kiri ku ngalo zo! Ogenda kukikolera ki, ogenda kukolera ki Yesu ono ayitibwa Kristo? Kubanga, olina Omusaayi

ku ngalo zo, ate Gwe Musaayi gwa Katonda. Kaakati ogenda kukola ki? Ogenda kuba n'omusango gw'okumukomerera. Mukiraba?

¹⁹⁸ Osobola okumukomerera, n'okkiriza ekikwate ky'enzikiriza yo oba kyonna ky'oyagala okukkiriza, oba n'ogamba nti, "Naye, nze nenda kukisindiikiriza eri. Ssaagala kwesembereza bintu bya kkanisa bino." Ekyo tosobola kukikola. Ali ku ngalo zo. Bwe kiri. Tosobola kukikola. "Nze ekintu kyonna nenda kukyerabira." Tosobola kukikola. Kisigala kikyali ku ngalo zo. "Naye, nze nja kugamba nti, 'Nze omusumba wange *kino* kye yanjigiriza.'" Kijja kukomawo, gy'oli. Kikuddire. Ekyo okimanyi. Kaakati, ku bibiri osobola okumusembeza oba osobola okumugaana, ekimu ku byo ky'oyagala okukola. Kiki? Kuteekwa okubaako ekimu ku byo.

¹⁹⁹ Kaakati kiki? Nga Yesu bwe yagamba Abafalisaayo bano, Yabagamba nti, "Mmwe Abafalisaayo abazibe b'amaaso," mukiraba, Yandyogedde ekintu kye kimu ne leero nti, "mmwe abayigiriza b'eddiini abazibe b'amaaso, musobola okumanya ebiro by'obwannaakalyak'ani. Mubulwanyisa okukamala, ate nga mukimanyi nti bwo bwennyini Katonda bwe yasitula okubazikiriza." Mukiraba, olw'obutamanya Byawandiikibwa. Mukiraba? "Mmwe, musobola okukimanya nti obwannaakalyak'ani bugenda kuwamba ensi yonna. Ekyo musobola okukiraba. Ekyo musobola okukitegeera."

²⁰⁰ Byonna bye tuyigirizaako biri ku bwannaakalyak'ani. "Mugobe obwannaakalyak'ani buveewo!" Mbiwulira ne mpulira nga bindwaza n'okundwaza. Nange, mbuvumirira. Mazima ddala, mbuvumirira. Naye okusinga ennyo nnenya nnyo omusajja oba omukazi agaana Yesu Kristo, Ekigambo. Oba, oli mubuulizi oba kyonna ky'oli, okotoggedde nnyo Kristo okusinga omuntu akkiririza mu bwannaakalyak'ani. Ye talina ky'amanyi era talina n'ekimu ky'amanyi ku Kigambo ekyo. Ggwe olina okuba nga omanyi. Mukiraba? Osobola okumanya ebiro by'obwannaakalyak'ani, naye tosobola kutegeera kabonero ka biro mw'oli.

²⁰¹ Abafalisaayo abo Yesu yabagamba, nti, "Bannanfuusi mmwe!" N'agamba nti, "Mufuluma ne mutunuulira obwengula, ne mugamba nti enjuba mmyuufu era eggulu libindabinda, enkya wanaaba omuyaga. Bwe wataba bire," ne mugamba nti, "enkya lunaaba lulungi." N'abagamba nti, "Mumanyi okwawula obubonero bw'ebiseera, manya obubonero bw'eggulu n'embeera y'obudde, naye temumanyi bubonero bwa biro." Wuuyo Yali awo, Masiya, naye ne bamugaana.

Era bulijjo twogera ku bwannaakalyak'ani n'ebintu bino ebirala, naye, akabonero k'ebiro, ako kko tetukategeera. Mukiraba? Ako tukabuusa amaaso, ne tukasambajja. We twogerera bali mu kwegatta wamu mu butakkiriza, era

babusembeza, naye ne balemwa okutegeera n'okulaba akabonero k'ebiro Bayibuli ke yayogerako akalibaaawo.

Mukifunye? Kaakati nnina okumaliriza, mu bwangu ddala. Obudde buyise, mukiraba.

²⁰² Nga bajajjaabwe bwe baakola, nabo bakola, ekintu kye kimu olwa leero. Kaakati, okusalawo kutuukiddwaako. Kuteekwa okutuukibwako. Olina okukutuukako, mu ngeri emu oba endala. Mukiraba? Ogenda kuddamu okomerere Ekigambo, oba ogenda kukola ki? Okukomererwa kw'Ekigambo kusembedde. Ogenda kukomerera era oziyize Ekigambo ekikasiddwa, olwa—olw'ekibiina ky'eddiini, nga Piraato bwe yakola, nga agezaako okukisindiikiriza eri omuntu omulala. Kaakati ggwe, nga omuntu ssekinnoomu, ogenda kukolera ki Ekigambo ekifukiddwaako amafuta ekiyitibwa Kristo?

Abeera obumu jjo, Kristo y'omu eyafuka amafuta ku Kigambo mu nnaku za Nuuwa. Kristo y'omu, o—Omuti guli ogwali mu lusuku Adeni; Kaawa gwe yalekawo, n'alekera awo okulya ku Muti guno ogw'Obulamu, atwalemu omuti ogw'amagezi; omusajja, omukazi yalekawo Omuti ogw'Obulamu, n'agenda alye ku muti ogw'okufa. N'ebiro bya Nuuwa nabo baakola ekintu kye kimu. Mu biro bya bannabbi, baakola ekintu kye kimu. Mu nnaku za Kristo, baakola ekintu kye kimu.

N'olwa leero baabano. Kubanga buli omu ayogera ku biro bye, era, ekintu ekyo bwe kyatuukirira, buli mulundi baalondangawo nsonga zaabwe ez'ebibiina by'amadiini, n'ebirala, n'amagezi ag'ensi mu kifo ky'Ekigambo kya Kristo ekifukiddwako amafuta. Ggwe onookola ki, nga omuntu ssekinnoomu?

²⁰³ Piraato teyamuggya ku ngalo ze. Mma—mmaliriza, n'olw'ekyo musiriikirire okumala akaseera. Piraato teyamuggya ku ngalo ze. Naawe tojja kumuggyako, nga okola kye yakola, nga ogezaako yadde emu ku ngeri zino zonna. Teyamweggyaako. Mumanyi ekyatuuka ku Piraato? Yatabuka okumutwe. Yatuuka mu mbeera nga awulira kimu kyokka kukomerera okwo. Yatuuka n'aba nga awulira luyoogaano olwo lwokka, n'akomekkereza nga atabuse okumutwe.

²⁰⁴ Era balina olugero olw'edda engulu eri mu Norway, manya nedda... Munsonyiweko. Engulu eri mu Switzerland; gye nnagenda, nga omuminsani. Bagamba mbu enkumi n'enkumi z'abantu bakuluumulukuka ne bagendayo, okuva mu nsi yonna, ku Lwokutaano Olutukuvu; ne bakunjaanira ku kidiba ky'amazzi Piraato we yettira. Yamaliriza yebbise mu kidiba ky'amazzi kino ne yetta. Era bagamba mbu buli Lwakutaano Olutukuvu, ku ssaawa mwenda ez'olw'eggulo, amazzi gakyuka ne gafuuka ga bbululu, ne geeserera awo omulambo gwa Piraato

we gwali. Yagaana Ekigambo ekyo. Omusaayi gukyali ku ngalo ze. Era yagaana, yasambajja; amazzi.

Tosobola kumwenaazaako n'omuggya ku ngalo zo. Tewali mazzi, wadde ssabuuuni aggyawo mabala, asobola kunaazaawo Kigambo ekyo kukikuggyako. Ali ku ngalo zo. Onoomukolera ki?

²⁰⁵ Kino kye kintu kyokka ky'osobola okukola. Bw'oba tosobola kumwenaazaako n'omuggya ku ngalo zo; tosobola kumusindiikiriza eri muntu mulala; toyinza kumala gakisambajja nga ekintu ekitabangawo. Tewali ngeri yonna mu nsi gy'oyinza kukikola. Ekintu kyokka ky'osobola okukola kwe kukkiriza Ekigambo ekyo, mu mutima gwo. Eyo y'engeri y'okumweggyako. Muggye ku ngalo zo omuteeke mu mutima gwo, oba muleke ku ngalo zo oyimirire osalirwe Omusango. Ekyo kye kintu kyokka ky'osobola okukola.

Enkomerero ya Piraato yali mbi nnyo.

²⁰⁶ Ekigambo kigamba nti bano abamuleka ku ngalo zaabwe... Mbadde npenda kukisoma. Naye Kigamba nti, "Baakaabira enjazi n'ensozi. Baasaba, naye essaala zaabwe zaali kikeerezi nnyo." Mukiraba? Baakaaba ne bagamba nti, "Mutukweke okuva mu maaso g'Oyo atudde ku Ntebe, n'okuva eri obusungu bw'Omwana gw'endiga, nga...y'Endiga ensajja, Obulamu obw'Omwana gw'endiga oyo agenda okujja. Kubanga, Olunaku olukulu olw'Omusango lutuuse, era ani ayinza okulugumira?"

²⁰⁷ Kati olowooza Oswald agenda kukola ki bw'anaayimirira mu maaso ga Kkooti Ensukkulumu, n'alaba amaaso ga—g'abawuliriza omusango mu kkooti amakambwe n'abalala nga bonna batudde awo? Amanyi ekigenda okubaawo. Ajja kuttibwa na mukka, oba kuyimbibwamu omuguwa, oba engeri endala. Ateekwa okukisasulira.

²⁰⁸ Naye watya bw'oliyimirira mu maaso awo nga olina Omusaayi ku ngalo zo, olw'okukigaana? Nga okimanyi nti ggeyeena ekulindiridde, okuzikirizibwa Emirembe gyonna; n'okaabira enjazi n'ensozi; naye baasaba, nga essaala tezikyagasa ziri kikeerezi.

Mu Abaebbulaniya 10, "Bwe twonoona kagenderere." *Ekibi* bwe "butakkiriza." "Bwe tugaana kagenderere okukkiriza nga tumaze okuweebwa Amazima, okutegeera Amazima." Tolina kubeera nga wagasembeza; weetaaga kugamanyaako bumanya. Tolina kubeera nago, olina ku...O, nedda, nedda. Mukiraba? Tekigamba nti, "nga tumaze okukkiriza Amazima."

*...bwe tugenderera okwonoona nga tumaze oku...
okuweebwa okutegeera nti ge mazima, tewasigaddeeyo
nate ssaddaaka olw'ebibi,*

*Wabula... okulindirira n'obuti... obukambwe
obw'omuliro, ...ogugenda okwokya omulabe,*

...Kubanga Katonda yagamba nti, *Okuwalana eggwanga Kwange, era ndisasula, bw'ayogera—bw'ayogera Mukama.*

209 Bwe tugaana okukikikiriza, mu bugenderevu, nga Amazima gamaze okututegeezebwa, tewajja kubaawo kusaasira kulala. Tewali kusaasira kulala kunaatuweebwa.

Omusumba, awuliriza olutambi luno, ensonga eyo ogenda kugikolera ki? Mmemba w'ekkanisa, awuliriza olutambi luno, ensonga eyo ogenda kugikolera ki? Ogenda kukola ki, singa Ekigambo ekyo tugaana okukikikiriza kagenderere? Tosobola kukyenaazaako n'okiggya ku ngalo zo. Tosobola kukisindiikiriza ku kitebe ekikulu. Butereevu kigenda kukomawo, gy'oli. Okiwulidde. Ate ggwe? Oliyimirira otya ku Lunaku luli?

Ku bibiri ali ku ngalo zo oba mu mutima gwo, ekimu ku byo. Ayi Katonda otuyambe.

210 Singa—singa musobola okulowooza ku butemu obwakolebwa, n'omusajja oyo ky'ateekwa okuba nga ky'alowoozaako mu mutima gwe! Kiki ky'akoze? Yadda mu ntegeera ye nga buyise, nga yamaze dda okukikola.

Mulabeeyo, akakisa yakalina. Yazaalibwa Mumerika wa ddembe. Yali Mumerika. Naye yayagala atunde obusika bwe, afuuke Omurussia, naye ne kimwefuulira. Yawasa omuwala Omurussia. Kaakati muntu alowooza awatali kyekubiira mu kibiina kya Cuba eky'obwannaakalyak'ani.

Okulowooza awatali kyekubiira, “Nze nneelowooleza ku lwange.” Tolina kirowoozo kijja. Onookolera ki Yesu ayitibwa Kristo? Toli muntu alowooza awatali kyekubiira. Eby'okulowooza okutaliiko kyekubiira tebiriiyo. Leka endowooza eyali mu Kristo ebeere mu ggwe.

Leka tusabe.

211 Bino by'ebirowoozo by'oba olowooza nti, “Bwe wabaawo ettendo lyonna, bwe wabaawo obulungi bwonna, ekyo ky'obeera olowoozaako.” Njogera, wano mu makkati gaffe enkya ya leero, wamu, n'eri abo abawuliriza olutambi luno. Bw'oba oli wano enkya ya leero, nga okimanyi nti toteredde ne Katonda, era tozaalibwanga Mwoyo We, ate nga Katonda a...

Oyinza okugamba nti, “Naye, nnayatula.” Ekyo si kye njogerako. Okwatula okwo Katonda yakukkiriza? Osobola okugamba nti, “Weewaawo, nna—nnayatula, n'ebirala byonna. Weewaawo, nzikiriza.” Ne Piraato yayatula n'agamba nti, “Mazima ddala, njatudde ne ngamba nti, 'Nnaakolera ki Omusajja ono atalina musango?’” Tosobola kumwenaazaako n'omuggya ku ngalo zo mu ngeri eyo. Nedda, nedda.

212 Onoomukolera ki? Bw'oba toli Mukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nga Omwoyo Omutukuvu abeera mu ggwe, nga akyusa Obulamu bwo entakera, kaakati lwaki

tomutwala kaakati? Toliyinz a kwenazaako Bubaka buno kubugya ku ngalo zo. Tolirekera awo kuwulira Bubaka buno. Bujja kusigala nga bwetooloolera mu birowoozo byo okutuusa lw'onaasembeza Obubaka mu mutima gwo, nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

²¹³ Mu kibiina kino kye ndabako enkya ya leero, waliwo abali wano nga mukitegedde nti, muli basobya, era musobola okuyimusa emikono gyammwe. Tetulina kifo kya kuyita bantu kujja mu maaso kulokoka, ekifo kijjudde abantu. Naye gamba kimu nti, “Nsabira, Ow’oluganda Branham. Ayi Katonda nnyamba.” Katonda akuwe omukisa, omukono gwo ngulaba. “Kiri nti, njagala kukikola, kaakati. Njagala wano wennyini, mu maaso ga Katonda, Akitegeere nti gunsinga, era nkitegeera nti gunsinga. Nja—njagala Ave ku ngalo zange; njagala Ayingire mu mutima gwange.” Yimusa omukono gwo, ogambe nti, “Nsabira, Ow’oluganda Branham.” Mukama abawe omukisa. Ndaba, mu kibiina ky’abantu bano abali wano, emikono nga amakumi ana, oba ataano egiyimusiddwa waggulu.

Ayita leero, ayita leero,

Kaakano kirowoozeeko, y’Ayita. Yesu ayita. Y’ayogera gy’oli.

²¹⁴ Oyonoonye nnyo, omutima gwo ne gutuuka okuba nti gukakanyadde nnyo, okutuusa nti tokyasobola, tokyayinza kuwulira Kigambo ekyo? Lumu, bwe wali okyali mulenzi omuto oba omuwala omuto, wakiwulira. Walina okuyaayaana okukikola, naye n’okyongezaayo, n’okakanyala era n’okakanyalira ddala. Embeera yo yatuuka wala nnyo n’otuuka okuba nti kati Ekigambo ekyo n’okukiwulira tokyakiwulira? Oli awo...wa...oli mu mbeera nga Oswald mw’ali enkya ya leero, nga bwe mumanyi? Uh! Oyinza kukikola otya?

Kati waliyo omulala yenna nga tetunnaggalawo nsabe? Wonna wooli mu kizimbe, nga tewayimusizza mukono gwo, nga ogamba nti, “Ow’oluganda Branham, okuva w’oyogeredde ebigambo ebisembyeyo, kati nki—nkiwulira.” Waliwo omuntu yenna, ali ebweru, oba mu nkuubo, oba alabira mu madirisa, ssi nsonga, wonna wooli. Ggwe...

²¹⁵ Katonda akuwe omukisa, muwala. Katonda akuwe omukisa, ssebo, naawe. Nkulabye. Ali ku...Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Waliyo omulala yenna? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, ggwe ali wano. Nammwe Katonda abawe omukisa erudda awo, omulenzi omuto, n’omuwala omuto. Weewaawo, Mukama akuwe omukisa. Ssebo, emabega wali. Weewaawo.

Kaakati leka tukirowoozeeko mu kaseera kano. Kino njagala mukikole nga bwe tuyimba oluyimba luno mu ngeri enseeneekerevu, *Yesu Ayita*. Kaakati njagala ogambe nti, “Ayi Mukama, nsasira, nze omwonoonyi, oba eyeefuula kye ssiri. Ndi mmemba wa kkanisa, Mukama, naye nja—nja—njagala Ggwe.

Njagala Ggwe. Nnyamba! Nja—nja kukuweereza. Nkisuubiza, mu kaseera kano kennyini. Nnyimusizza omukono gwange, nti njagala Ggwe. Kaakano Ggwe yimusa omutima gwange, nkusembeze, nange nnaakusembeza mu mutima gwange.” Nga bwe tuddamu okuyimba ekitundu kino, munaakikola?

Ayita leero, ayita leero,

²¹⁶ Kaakati saba mu ngeri yo. Kaakati saba.

Yesu ayita . . .

Y’oyo Ayogera. Y’ensonga lwaki wayimusizza omukono gwo.

. . . ayita n’okwagala leero.

Yesu ayita, O wulira Eddoboozi Lye,

Muwulire . . .

Mu kaseera kano kennyini, muwulire. Mugambe nti, “Ayi Mukama, gusinga. Omusaayi gwo guli ku ngalo zange. Ndi mwonoonyi. Sikyagwagala gubeereko. Ssisobola kugunaaza kuguggyako; nkigezezzaako, okumala emyaka n’emyaka. Sigenda kukusindiikiriza nga Piraato bwe yakola nga agezaako okubaako ew’omuntu omulala gy’akusindiikiriza. Njagala Ggwe. Jangu mu mutima gwange, mu kaseera kano kennyini, ayi Mukama. Nkusembeza. Nkulaba nga Oyimiridde awo mu maaso gange, nga ekifaananyi ekiyimiridde awo; olw’okukkiriza ntambula okuyingira mu Ggwe, nga mmanyi nti Onsonyiye. Era ndi . . . Ogenda kubeera mu mutima gwange, okuva kaakano okweyongerayo.”

. . . leero,

Buli omu saba.

Yesu ayita, Ayita n’okwagala leero.

²¹⁷ Kitaffe ow’omu Ggulu, obubaka obutono buwedde. Era kati, okusalawo, kkooti zitegekeddwa enkya ya leero. Bamalayika bakunjaanye wamu mu kisenge. Omwoyo Omutukuvu ow’ekitalo ali wano nga akakasa nti Yesu akyali mulamu. Ye yali ensulo ey’Obulamu Obutaggwaawo. Entaana teyayinza kumulemera, ne ggeyeena teyayinza kumulemera. Yalinnya waggulu; nga asumuluddwa okuva mu ggeyeena, era nga asumuluddwa okuva mu ntaana. Era Ayimiridde mu makkati gaffe, olwa leero.

Naye ebikwate byaffe n’ebibiina by’amadiini bisibye abantu baffe bangi, ayi Mukama. Ekibi kibasibye, naye leero baagala babeere ba ddembe. Bayimiridde nga Piraato, era, mu kifo ky’okugezaako okumusindiikiriza eri omuntu omulala, bayimusizza emikono gyabwe nga bagamba nti, “Jangu mu mutima gwange, ayi Mukama Yesu. Sigenda kuddamu kukwenaazaako. Ssisobola kukikola. Okyali ku ngalo zange. Ngezezzaako okunaaba emirundi n’emirundi nkweggyeko, naye Ogaanye okuvaako, naye kaakano nkusembeza. Njagala

Oyingire mu bulamu bwange, era nkusembeza mu bulamu bwange. Ayi Mukama, nsembeza mu Bwakabaka Bwo, nga onsonyiwa ebibi byange, era ompe okukkiriza nsobole okukkiriza nti Onsembeza, ayi Kitaffe.” Kituwe. Tukisabye, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo.

²¹⁸ Era kaakano, nga tukyakotese emitwe gyaffe, okukkiriza, olw’okukkiriza, “Era, ayi Katonda, Nnyamba mbeere mwesimbu, naye nga bwe mmanyi nti Wasuubiza nti ‘Oyo ajja gye Ndi, Ssirimugobera bweru n’akatono. Era Ndimuwa Obulamu Obutaggwaawo, era Ndimuzuukiza mu nnaku ez’oluvannyuma. Oyo alinjatulira mu maaso g’abantu, Nange oyo Ndimwatulira mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu. Oyo awulira,” enzivuunula yennyini, entuufu, ey’enjiri y’Omutukuvu Yokaana 5:24, eri nti, “oyo ategera, asembeza Ekigambo Kyange. Oyo asembeza Ekigambo Kyange, n’akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo, era talijja mu Musango.” Tolijja mu Kaguli kusalirwa Musango nga Oswald bw’alisalirwa. “Wabula wasomoka,” n’ekisonyiwo eky’obuwa, “okuva mu kufa n’oyingira mu Bulamu.”

²¹⁹ “Mukama, ssimanyi kibaddewo kitya, ssimanyi lwaki kibaddewo, naye—naye nzikiriza nti kibaddewo. Ekyo kye nzikiriza, mu mutima gwange, nti obutakkiriza bwange bugenze. Nsobola okwogera n’eddembe ne nnyamba nti ‘amiina’ eri buli Kigambo ky’Oyogera, era nkisembeza mu kaseera kano kennyini. Nkikkiriza.”

²²⁰ Kaakati nga mukotese emitwe gyammwe. Mmwe abakkirizza ekyo, abayimusizza emikono gyammwe eddakiika entono eziyise, era nga olw’okukkiriza olaba ekifaananyi kya Kristo nga kiyimiridde awo, ekyo ky’olina okubaamu, kaakano otambula olw’okukkiriza, nga okkiriza nti ebibi byo bisonyiyiddwa. Era okuva leero okweyongerayo, weetegese okubatizibwa mu mbatiza ey’Ekikristaayo, era kaakano weetegese okutambulira mu Kristo. Osobola, nga obujulizi gy’Ali, okuddamu n’oyimusa emikono gyo, nga ogamba nti, “Olw’okukkiriza nkikkiriza n’omutima gwange gwonna”? Katonda abawe omukisa. Ekyo kirungi. “Kaakano nkikkiriza. Nzi—nzikiriza; tewali kye nsobola kukola.” Katonda abawe omukisa. Kirabise nga buli omu gwe ndabye. “Kaakano nzikiriza.”

²²¹ Labayo, toli mulungi, tobangako mulungi, era tosobola kuba mulungi, naye Yesu yafa ku lw’abantu abatali balungi. “Nnina kukola ki, Ow’oluganda Branham?” Kkiriza bukkiriza kye Yakola, kkiriza bukkiriza kye Yakukolera. Era kati olw’okukikkiriza n’okukisembeza . . .

Kati, nzikiriza nti, omusumba, ekidiba kigenda kuggulwaawo. [Ow’oluganda Neville addamu nti,

“Weewaawo.”—Omuk.] Okubatiza kugenda kukolebwa, bw’oba oyagala okubatizibwa.

Bw’oba wabatizibwa mu bitiibwa bya, “Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu,” eky’amazima oli... Kino nkyogera n’obuwombeefu n’okussaamu ekitiibwa, naye, nze ku ngeri gye nkiraba, tobatizibwanga. Tobatizibwanga, kubanga tokolanga kye Yagamba.

²²² Yagamba nti, “Mubabatize mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu.” Bwe baba nga baayogera bwogezi bitiibwa ebyo nga bakubatiza; Teyagamba nti, “Mugende mwatule *ebitiibwa* bino; oba mugende mwogere *amannya* gano.” Tekyakolebwako mu Bayibuli. Tekyakolebwako mu ngeri eyo. Kyakolebwa, babatiza nga Yesu bwe yagamba nti, “Mu Linnya lya Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu,” nga eryo ye Yesu Kristo.

²²³ Peetero, eyalina ebisumuluzo, yayogera ekintu kye kimu, buli mutume omulala yenna, Ekkansa yonna, okutuusa Akakiiko k’e Nikyeya akaasooka ekereziya Katolika ey’e Rooma bwe yagunjabwawo, n’ekkiriza ebitiibwa mu kifo ky’Erinnya. Ku bibiri wabatizibwa kuyingira mu biyiye bya Rooma eby’ekibiina ky’eddiini, oba wabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, ekimu ku bibiri. Omusaayi ogwo guli ku ngalo zo, tosobola kugunaaba kugweggyako, kweguli.

Kaakano okikkirizza. Nnenda kukusaba, nga—nga abakubi b’ennanga bwe bakuba oluyimba olwo olw’edda olumanyiddwa ennyo:

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw’endiga ow’e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Era ggyawo okulumirizibwa kwange kwonna,
Era nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

²²⁴ Tewabaawo afuluma kizimbe. Muyimirire buyimirizi mu bwetoowaze, era leka tuyimuse emikono gyaffe gy’Ali kaakano.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe, (Ate
Ye Kigambo.)
Ggwe Omwana gw’endiga ow’e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Ggyawo ekibi kyange kyonna,
O nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala . . .

Mbeerere ddala Wuwo, mu bujjuvu! Kaakano mpaayo obulamuwange.

²²⁵ Mu ddakiika ntono amazzi gagenda kuba gategekeddwa. Bw'oba tosobola kubatizibwa kati, tujja kuddamu tubatize akawungeezi.

Kirowoozeeko, olw'eggulo lwonna, "Guli ku ngalo zo." Guggyeeko. Engeri yokka gy'osobola okukikolamu, kwe, kunaazibwa mu Musaayi gwa Yesu Kristo, Oyo... Mukiraba? Yee, ssebo. Kaakati kijjukire nga bwe tukoteka emitwe gyaffe. Kaakati mutunuulire.

Nga ntambula nga mpita mu kizikiza
eky'obulamu...

²²⁶ Kati okusalawo kuli mu mutima gwo. Ali mu kuwozesebwa. Ekigambo kirindiridde kukomererwa. Kristo ali mu kuwozesebwa. Onookolera ki Yesu ayitibwa Kristo?

Beera Omulunganya wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo ennaku, n'amaziga gonna,
Era tonjanyanga okuwaba
Okukuvaako.

Kaakano leka tukoteke emitima gyaffe eri oluyimba olwo. [Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba olwo *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe—Omuk.*]

²²⁷ Mufumiitirize nnyo ddala, ab'emikwano. Kyandiba nga erinnya lyo ly'erisembayo okuteekebwa ku Kitabo. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Kaakati fumiitiriza nnyo ddala. Oli, waliwo wano omuntu yenna eyamugoba?

²²⁸ Mujjukire nti, akakisa kayinza obutadda. Piraato teyafunayo kakisa kalala konna. Yagezaako nnyo nga bw'asobola okulokoka, naye teyayinza kukikola. Gwali ku ngalo ze. Kaakati onookolera ki Ekigambo ekifukiddwaako amafuta eky'ekiseera kino, ekiyitibwa Kristo? 

63-1124M Nnaakola Ntya Yesu Ayitibwa Kristo?
mu Kkuṅṅaaniro Iya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org